

BAIBULI

**Ekitabo ekisinga
Okusomebwa Ku Nsi
N'omuweereza**

Ewald Frank

Baibuli – Ekitabo ekisinga okusomebwa ku Nsi okw'annjula ku ntegeka ya Katonda ey'obulokozi

Ku bitabo ebibunye e'nsi, Baibuli kye kitabo ekiri mu kifo ekisooka nga kye kiri mu bugazi obusingira ddala. Okuva mu 1960 okutuuka mu 2010 kyokka, wakati wa 3.9 obuwumbi obwa Baibuli za tundibwa mu nsi yonna. Nga bwe kyali mu mwezi ogusooka 2015, ekyusiddwa mu nnimi 563 nga kino kikolebwa wansi we bibina ebi kyusa Baibuli (UBS). Baibuli kye kitabo kyokka ekituwa amawulire agakwata ku banga lyo budde okuva ku kubereberye okutuusa kaakano era n'ebyo ebiri beerawo mu biro by'enkomerero. Mu kino ebyafayo by'omuntu byonna byawandiikibwa dda. Newakubadde bino ebiri kubaawo byali byayogerwako mu bunnabbi bwa Baibuli obw'endagaano enkadde n'empya.

Okulaga kuno ku buulirwa eri abantu bona mu kigendererwa ekirungi okuva mu mawanga gonna n'e nnime ezetolodde mu nsi yonna. Okujjako e'nzikkiriza mukaga ezimanyiddwa mu nsi eza Judaism, Christianity, Islam, Toaism, Buddhism, era naba Hinduism, abantu abalala bayongezamu okutuuka ku muwendo gw'enzikkiriza kumi nebiri. Kimanyiddwa wonna nti abantu bona ba ggamba nti be bokka abakkiriza ebituufu. Nera waliwo ebintu ebibaawo nga nzikkiriza za ma ggwanga. Bonna ba gambibwa nti bali mu kubo ntuufu, mu nzikkiriza entufu. Wasobola okubaawo "E'nzikkiriza entuufu" ekyeyongera mu nkulankulana mu biseera era ne kyi tuza ku muntu aggwaawo? Kw'ekyo okkukiriza kw'omuntu n'okutegera kw'omuntu te kuyingirirwa, buli muntu yenna alina edembe okukkiriza kyalaba okuba ekituufu. Naye, nakyo kituufu nti buli musaja yenna – ya kola n'zikkiriza okubula obumalirivu, ekyenkomeredde kyennyini, ekisinga okubuusabuusa kwonna. Ebibinna by'enzikkiriza bya biseera era, nga gyogera mu bumalirivu, kino kigenda eri obulamu buno obuggwaawo bwokka. Buli bufiroosofo era n'endowooza n'obukenkufu birina enkomlo lyabyo mu bantu era okusingira ddala bireka ebibibuuzo ebisinga ebyomugaso nga tebiddwamu.

Waaliwo ebintu ebyo ebisuuka amagezi gaffe era nga bisinga okunyonyola kwaffe naye nga bya nkomeredde mu byo byennyini. Amazima nti omuntu yatondebwa mu kifaananyi kyo omutonzi era naweebwa n'amagezi go butonzi kye kyokulabirako. Kulwo butakkiriza n'objemu, obwa vako okugwa kw'omuntu n'okugobewa okuva mu lusuku lwa Katonda, Omuntu yagyibwa okuva mu ku

kungana okutaggwaawo ne Katonda omulamu era ne yewayo eri okufa, era tewali mubulamu ekitisa nga kufa.

Buli kintu ekitalina buwangazi kirina entandikwa era kiri n'okuba n'enkomerero. Ebyo byokka ebitaali na ntandikwa nabyo te biriba n'ankomerero. Ekitutuusa mu butaggwaawo te kyatekebwa kyebaako kyaffe. Okuzaalibwa kwa ffe kwe kwali okuyingira kwaffe mu biseera. Nga bwe kitali kya buwangazi mu butonde, te tulina bulamu butaggwaawo mu ffe ddala: Katonda yekka ataggwaawo ya sobola oku butuwa

Ekitabo kyokka ekituufu ekiyitiibwa ebyawandiikibwa ebitukuvu era n'ekigambo kya Katonda ye Baibuli. Awamu tuja kweyongeera oku jibuuza ebintu binji eby'omugaso. Omwo mwokka mwe tu ggambibwa ebintu byonna okuva ku lubereberye – okuva mu butonzi bwe ggulu n'ensi – okutuusa ku nkomerero ye biro n'okusingawo.

Nga tetuna kwata kwe ebyo ebigendera ddala okusuuka ebiseera, twagala okutunulira okuyingira kw'ekyo atalina ntandikwa n'ankomerero mu byafayo ebitaggwaawo. Tusooka okulaba Katonda mu butonzi. Obutonzi obukulu obw'ensi ge mazima era , nga kivamu okwesigama ku mutonzi – ekintu kyamagezi mu kulowooza kwa kinomu kusobola okuleta okusalawo ng'owa ensonga. Entegeka ya Katonda ey'ebitonde byonna mu mazzi, ku nsi, era ne mu banga; ebimera byonna, emit i gyonna, okusiga n'okukungula, obulamu bwennyini; okuzaalibwa mu bitonde ebilabika – bino byonna bisigala mu kifo nga obujulizi bwennyini obulamu obw'oyo omutonzi. Kiki esibuuko ye bintu kyerina okufuna mu butuufu bwo butonzi bwa Katonda, nga we wayise akaseera katono, oluvanyuma lwa byonna, nga agezako mubumalirivu okugaana ebyatondebwa n'omutonzi. Ekyo kyo kya biyigiriza naye obutonzi bwennyini kyamazima. Amazima akagakakasibwa amatuufu geyogerera gennyini. Okusuusa mu lunaku luno, Buli kintu kizaala eki kyifaanana, nga omutonzi bwe ya kitekawo (Olubereberye 1:12). Omuntu bwaba yawulira ku Katonda amanyi byonna n'oyo Katonda ebeera buli wamu, asobola okubiraba n'amaso ag'omwoyo amagule mu butonzi.

Omuntu yegattibwako ebintu bingi eby'okufirwa mu byafayo by'omuntu okuva ku lubereberye, ebizibu ebikankanyiza e'nzikiriza za bangi nate era nate. Mukama w'eggulu tana najja mu bufuuzi bwe obutaggwaawo. Omulangira w'ensi eno eyekizikiza akya fuga era abantu bona bali wansi w'okusikirizibwa kwe. Okuyita mu bumanyirivu bw'okwogera eri omununuzi bwokka omuntu yenna

asobola okuva mu kusikirizibwa kw'omubi era neyebikula mwennyi eri okusikirizibwa kwa Katonda. Mu kusaba kwa Mukama, tukyasaba, "Obwakabakabwo bujje!", era mazima bugenda kujja! Ebiro bituuse. Obubonero bwe biro bu kiraga.

Olw'okukakasibwa

Baibuli, endagaano enkadde, yali edda yawandiikibwa mu lulimi olu ebbulaniya. Olubebulayi lwe lwali olulimi lwokka olwasooka ku nsi 1,750 emyaka okutuusa mu kuzimba omunala gwa baberi (Olubereberye 11:6-7). mu lubereberye 14:13 Ibulayima yali ayitiibwa a "omuebbulaniya," Mu kuva 7:16 Musa ya ggamba eri Falaawo, "N'omugamba nti **Mukama, Katonda wa Baebbulaniya**, antumye gy'oli ng'ayogera nti leka abantu bange, bampeereze muddungu..." Mukama Yesu naye yayogera oluebbulaniya oluvannyuma lw'okugenda kwe mu ggulu – buno bwaali bujullizi bwa Pawulo: "*Netugwa fenna wansi n'empulira eddoboozi nga ly'ogera nange mu lulimi oluebbulaniya...*" (Ebikolwa by'atume 26:14). Mu lulimi oluebbulaniya, abantu n'amanya nga bwe bisangibwa okusingira ddala gabeera ne kyegategeza nti waliwo ekibuzibwa mu ku kyusa mu nnimi enddala.

Endagaano enkadde ekomenkereza ne Nnabbi Malaki, eyabeerawo ddala okutuuka emyaka 400 nga Kristo tanajja. Okutuusa kw'olwo, waaliwo ebitabo bitano ebya Musa, bannabbi, era ne Zabbuli mu n'geri y'emizingo, tekyali okutuusa mu biseera bya 300 ku 200 emyaka nga Kristo tanajja nti endagaano enkadde ne bitabo byayo 39 byagattibwa wamu mu butuufu, naye, emizingo kinomu nagyo gya sigala. Wakati wa 1947 era ne 1956, enkandde omuzingo ogwawandiikibwa n'omukono za sangibwa mu qumrani ku nnyanja eyafa. Ku zo zaali 7.3 obukadde mu buwanvu, wonna tegwayononebwa omuzingo gw'ekitabo kya Isaaya, Zabbuli n'ekitabo kya Danyeri. Bisobola okulagibwa mu "*lye tabi eriterekerwamu eby'edda*" ku terekero ly'ebyedda mu isiraeri. Mu Lukka 24:44-45 Yesu, Mukama waffe era omulokozi, ya kitetekako esira okugabizibwa mu mateeka ga Musa, Zabbuli, era ne bannabbi: "...**bwe kigwanira byonna okutuukirizibwa, ebyawandiikirwa nze mu mateeka ga Musa, ne mu bannabbi, ne mu zabbuli: N'alyoka abikkula amagezi gaabwe, bategeere ebyawandiikibwa.**" Mu kkuggaaniro mu nazaaleesi, nate asoma mu muzingo gw'annabbi Isaaya (61:1) era n'agamba, "**N'atanula okubagamba nti leero ebyawandiikibwa**

bino bituukiride mu matu gammwe.” (Lukka 4:16-21). Mu mazima obunnabbi obusuuka kikumi obw'endagaano enkadde ebyo ebiri ekitundu ku ntegeka y'obulokozi bwa tukirizibwa mu biro ebyo.

Endagaano enkadde ey'oluebbulaniya yasooka okukyusibwa mu lulimi olwaliwo olw'ensi oluyonani mu biseera by'emyaka 250 Nga Yesu tanajja. N'abasomi abayudaaya mu Alexandria, Egypt. Abasomi abaebbulaniya ab'ebitabo ebitano ebisooka kw'ebyo ebitabo 24 ebye Baibuli y'oluebbulaniya mu Isiraeri, naye, tebategera okukyusa kuno, okwa lagibwa nga "Endagaano enkadde ey'oluyonani" wadde mu kukyuusa okw'edda, waliwo eby'omuwendo n'ebyomusa ebirabirwako, ekyava mu biwandiiko by'oluebbulaniya awatali ku kalubisibwa. Ebyo mu biseera ebisinga ebutategerebwba n'abasomi. Kulw'ensonga eyo, ekitegeza kyennyni ekituufu, nga bwe kiri okuva mu biwandiiko by'oluebbulaniya, bina tekebwa mu kulagibwa kuno buli bwe kyetagisibwa. Naye n'abo abogera ennimi enyingi bali n'okwesigama ku kulungamisibwa era n'okubikkulirwa n'omwoyo wa Katonda. Tukkiriza mu kusikkirizibwa okwenkomeredde okw'ebyawandiikibwa ebitukuvu, ekyo eky'amazima n'okussa ekimu wakati w'endagaano enkadde n'empya.

Endagaano empya n'ebitabo byayo 27 byatandika mu biseera mu byassa ebyasooka eby'obukristayo nga "eteeka erifuga ekintu" – endagiriro. Lukka yayogera mu kwannjula enjiri ye ebyaaliwo kusooka: "**Bwe baali abangi abaatandika okuwandiika amakulu g'ebigambo ebyatuukirizibwa mu ffe...**" ebya "Bangi" bana abasigala, Okusingira ddala Matayo, Makko, Lukka, era ne Yokaana, ebwandiko byabwe byayingizibwa mu mateeka ga Baibuli nga "enjiri." Ba londebwa okubaawo mu mirembe egiggya mu kubalibwa kw'ebyo ebyaaliwo mu bulamu n'emirimu gya Yesu Kristo ng'ekitundu ku ntegeka y'obulokozi. Buli njiri erina kyetegeza. Birimu ebantu by'enjawulo, Kilaga byonna ku kifaananyi kya Mukama waffe era Omulokozi, okutandiikira ddala n'okuzaalibwakwe okutuusa ku kutwalibwa kwe mu ggulu.

Matayo, eky'okulabirako, mu bwangu ekulaga ekikakasa nti n'okuzaalibwa kwa Kristo obunnabbi okuva mu Isaaya 7:14 bwa tukirizibwa: "**Laba, omuwala atamanyi musaja aliba olubuto, era alizaala omwana wabulenzi, balimutuuma erinnya lye Emmanweri...**" (1:18-25) Mu sula yo 2:1-6 awandiika ku kuzaalibwa mu besirekemu era nateka esira ku kutukirizibwa kw'ekisuubizo okuva mu Mikka 5: "*Naye ggwe Besirekemu ... mu ggwe mmwe*

muliva gye ndi aliba omufuzi mu Isiraeri."

Makko atandika n'obunnabbi obubiri obw'endagaano enkadde mu kulaga obuweereza bwa Yokaana omubatiza, eky'okulabirako Isaaya 40:3: "*Eddoboozi ery'ayogerera wa ggulu nti mulongoose mu lukoola ekubo lya Mukama...*" era ne Malaki 3:1: "*Laba ntuma omubaka wange...*"

Lukka awandiika buterevu mu sula esooka eya Zekkaliya olw'okukyala kwa Malayika Gabulyeri mu Yeekaalu, eyayogera eri ye okuzaalibwa kwa Yokaana, era n'okukyalirwa kwa Malyamu ne Malayika Gabulyeri, eyalangirira eri malyamu okuzaala oyo Omununuzi: "**Awo Malayika n'amugamba nti, totya Malyamu: kubanga olabye ekisa eri Katonda. Era, laba, oliba olubuto, olizaala omwana w'obulenzi olimutuuma erinnya Yesu (Yahshua).**"

Yokaana agendera ddala emabega mu lubereberye najulira: "**Kulubereberye waaliwo Kigambo..."**(Yokaana 1:1) "**Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli...**" (v.14).

Nga tusoma mu njiri enya zonna kikola eky'omugaso kimu ekimaliriziddwa ekilaga emirimu n'obulamu, obuweereza, okubonerera n'okufa, era n'okuzuukira n'okutwalibwa mu ggulu kw'omununuzi waffe nga ensoga eyalindirirwa okumala akabanga kawanvu ak'entegeka y'obulokozi, nga bwe yali yalangirirwa mu ndagaano enkadde.

Enjiri ya gobererwa ne "Ebitabo by'ebikolwa" ebye kkanisa ey'edda, awo n'eija ebbaluwa y'abatume, era ekyasembayo "Ekitabo ky'okubikkulirwa ekya Yesu Kristo," ekya weebwa eri omutume Yokaana ku kazinga kabayonani eke patamo.

Mu kusooka enjiri era ne ebbaluwa z'abatunme zaali zisomebwa era n'okubiyitamu mu ma kungganiro ag'okukyalo: "Ebbaluwa eno wemalanga okusomerwa mu mmwe, era mugisomese n'emukkanisa e y a b a l a w o d i k i y a ; era n a m m w e m u s o m e e r i v a mu lawodikiya." (Abakkolosaayi 4;16). okulangirirwa kwa twalibwa eri ensi yonna nga Mukama bwe yakiragira mu kutuumma kwe okunene.

Ng'ebiyaliwo edda n'okugunjibwa kwe bifulumya ebiwandikiddwa mu kyassa kye 15, ebitabo bya tekebwa mu buwandike n'emikono emirundi n'emrundi nate.

N'okukyusa mu nnimi enddala ne wajja okwawula mu sula era n'enyeririri. Kiri n'okutekebwako esira nate nti si kugeregeranya okwe

bya kyusibwa bingi – nga bwe ba biwanika – ebituletera okubimanya, Naye omwoyo gwa Katonda gwokka ggwe gunonyereza ebintu by'obuziba ebya Katonda (1 Abakkolinso 2:10) era nga gutukulembeera mu mazima gonna (Yokaana 16:13). Ebbaluwa, Ekigambo ekyawandiikibwa kye kiri n'okuba ekyawandiikibwa, ekigambo ekilamu mu ffe. Ekigambo kya Katonda kisigalawo emirembe gyonna (1 Peetero 1:25; Isaaya 40:8).

Buli akkiriza mu mazima Akkiriza Ekigambo kya Katonda ekyakakasibwa

Tubuuza era Katonda atuddamu okuyita mu Kigambo kye: Katonda anayogera ki gye tuli okuyita mu ndagaano enkadde? Katonda yatuwaki okuyita mu ndagaano empya? Okukkiriza okw'amazima kwe kuliwa era okukkiriza kw'obulimba kwe kuliwa? Bwe buKristayo obwa gunjibwawo, ge makkanisa amangi Ekkanisa ya Yesu Kristo?

Buli muntu yenna eyategeera esomo lino amanyi nti ebisubizo bya weebwa mu ndagaano enkadde ebyatukirizibwa mu bangla lye'ndagaano empya mu biro by'ekisa. Nakyo kimanyiddwa nti ebyawandiikibwa ebitukuvu bi vunuddwa mu makubo age'njawulo mu bukristayo. Kino kitandikira ddala n'akanyirir akasooka aka Baibuli n'ekakomenkereza n'akasembayo.

Wano kyakulagibwa nti Katonda ali mu Kigambo kye kyokka, Okuyita mw'ekyo ayogera naffe, era n'engeri omulabe nga awakanya Katonda yeyingizamu okuyita mu kuvunuula n'abuza abantu mu ng'eri y'enzikkiriza. Omulabe ye yasooka okukyamya Ekigambo kya Katonda bwe ya yimirira mu maaso ga Kawa n'okuwakana, "Bw'atyo bwe yayogera Katonda..." nga bwe kyawandiikibwa mu lubereberye 3. Ya siga ensigo ey'okubuuusabuusa era ekyo kyaleta okugwa, okweyawula ku Katonda. N'okutuusa kaakano akya wakanya Katonda kya ggambye n'atekawo okuvunuula kwe. Agezako okulaga okusikirizakwe buli wasobola – newakubadde ku ntebe z'abano abasoma eby'eddinni – era nalisa bano abaali n'ebirowozo bya magezi amangi abagala okulya omuti ogw'okumanya obulungi n'obubi newakubadde okuyita mw'ekyo kibakulembera mu kufa mu mwoyo.

Katonda/Elohim – Mukama/Yakuwa Ebigeregeranyisibwa Eby'omugasoo

Endagaano enkadde ey'oluyonani ekyusa ekigambo ky'oluebbulaniya

"Elohim," ekyawandiikibwa emirundi 3,526 mu Baibuli okutandikira mu lubereberye 1, akanyiriri 1, era kyalagibwa mu yaffe nga "Katonda," mu "Theos"; era ne Kigambo "Yakuwa"/YHWH, Eki kikirirwa mu Baibuli zaffe emirundi 4,024 okuva mu lubereberye 2:4 nga "Mukama," mu "Kyrios." Ekigambo ekigatte "Elohim-Yakuwa"/"Mukama," kisangibwa mu Baibuli emirundi 6,356.

Kyaali era nga kilambulukufu eri buli muebbulanija nti "Elohim" kitegeza Omu era yekka Katonda, omuronzi we ggulu n'ensi. Oluvannyuma lwa byonna, Ye yannjula dda mwennyini mu ndagaano enkadde nga "Omu," era "NZE." YE, Oyo ataggwaawo, tabeerawo nga abantu abangi naye yebikkula mwennyini mu bungi bw'okweraga kwe (Endabika ya Katonda) nga Omuronzi, Omubeezi, Omununuizi, Kabaka, Omulamuizi, nebilala. Gano si mannya bino ebiva mu bantu nga by'efaananyiza Katonda. Katonda tayitibwa mutonzi Ye Mutonzi. Tayitibwa "Kabaka" Ye Kabaka. Erinnya lye si "Mulamuizi"; Ye Mulamuizi. Tayitibwa "Mulokozi"; Ye mulokozi, nebilala. – era Ye bulijo **aba Omu**.

Ebyokulabirako bitono: mu lubereberye 14:19 Yelaga mwennyini nga "**El Elyon**" – nga Katonda ali waggulu ennyo: "N'amusabira omukisa, n'ayogera nti Ibulaamu aweebwe omukisa Katonda ali waggulu ennyo (**El Elyon**), nannyini ggulu n'ensi..."

Mu lubereberye 17:1 Yalabikkira Ibulayimu nga "**El Shaddai**" – nga Katonda Omuyinza w'ebintu byonna: "Nze Katonda omuyinza w'ebintu byonna (**El Shaddai**); tambuliranga mu maaso gange, obeerenga mutuukirivu."

Mu lubereberye 21:33 ki gamba "**El Olam**" – Katonda ataggwaawo: "Ibulayimu...n'akoowoolera eyo erinnya lya Mukama, Katonda ataggwaawo (**El Olam**)."

Mu Isaaya 9:5-6 tusanga ekisuubizo ekyokuzaalibwa kw'Omwana "... n'erinnya lye liriyitibwa nti wakitalo, ateesa ebigambo, Katonda ow'amannyi, (**El Gibbor**), Kitaffe ataggwaawo, Omukulu w'emirembe."

Ebigambo byonna eby'oluebbulanija ebitandika ne **El-** oba ekikomenkereza ne **-el** kijulira Katonda mu n'geri Ye, ebigambo byonna ebitandika ne **yah-** oba ekikomenkereza ne **-yah** kilaga YAKUWA, Mukama. Kina kyakomeredde nga kyamugaso era nga kirimu okuvunuula kwonna ng'ekyokulabirako, "Emmanw-eri" kitegeza "Katonda naffe"; "**Isra-el**" = "Omulwaanyi wa Katonda";

"Beth-el" = "Enyumba ya Katonda"; **"Dani-el"** = "Katonda Mulamuzi"; **"Eli-jah"** = "YAKUWA ye Katonda"; **"Isa-iah"** = "YAKUWA bwo Bulokozi"; **"Hallelu-jah"** = "tendereza YAKUWA"; nebilala.

Erinnya ly'endagaano etukuvu **"YAKUWA"** nga bwe kyawandiikibwa mu kitabo ekyasooka eky'oluebbulaniya kya mugaso ogw'enjawulo. Nga we kimaze okugambibwa, "Elohim" kya kyusibwa nga "Theos" era ne "YAKUWA" nga "Kyrios." ekyo te kitambulira wamu nekitegeza kyennyini ekyasooka. Krios ye mufuzi – ono asobola okuba Kabaka oba mufuzi yenna – naye okulaga kuno **tekukyali mu bumu n'okubikkulirwa kw'errinnya lya Katonda** nga bwe tusanga kyayogerwa mu kuva 6, kanyiriri 2 era na 3: **"Katonda (Elohim) n'ayogera ne Musa, n'amugamba nti NZE YAKUWA: nalabikira Ibulayimu, ne Isaaka, ne Yakobo nga Katonda omuyinza w'ebintu byonna, (El Shaddai), naye mulinnya lyange YAKUWA (Elohim-Yakuwa) samanyibwa nabo."**

Erinnya "YHWH," eriyitibwa ekigambo ekye nyukuta enya, **lye linnya etukuvu ery'endagaano eyabikulwa eya "Mukama Katonda"** mu ndagaano enkadde. Endagaano ne Isiraeri yali etuuse era nti kyova Mukama Katonda yabikula eri Nnabbi we Musa era n'abantu be abendagaano erinnya lye ery'endagaano "YHWH" – YAKUWA."

Mu teeka (Okuya 20) Omuyinza w'ebintu byonna ya yogera, **"Tolayiriranga bwereere linnya lya Mukama Katonda wo; (Yakuwa) kubanga mu maaso ga Mukama (YAKUWA) omusango guli musinga omuntu alayirira obwerefere erinnya lye."** Erinnya lino lya lituukuvu nnyo nti Yayagala okukakasa abantu ba Isiraeri ba tegere obutuukuvu bwe. Ng'ekyokulabirako, erinnya lya Mukama Katonda liali terikirizibwa okwogerwako ng'omufu afulumizibwa mu nyumba (Amosi 6:10): **"N'alyoka ayogera nti sirika; kubanga tetuyinza kwatula elinnya lya Mukama (YAKUWA)."** – kubanga Katonda si Katonda wa bafu, naye wa balamu (Matayo 22:32). Naye ekyawandiikibwa kino okuva mu nnabbi Amosi teyateregerebwa era ne vunuurwa mu bukyamu nti erinnya ly'edagaano ey'a Mukama Katonda "YAKUWA" terikozesebwa wonna naba Orthodox abayudaaya, newakubadde okutuusa leero, era nga kiri n'amanyi ne "Adonia." ekigambo ky'oluebbulaniya "Adon" kitegeza "Kabaka," "omufuzi," era nga "Ye mufuzi omusukulumu mu bona." Saala yayita Ibulayimu "Afuga byonna" (Olubereberye 18:12; 1 Peetero 3:6).

Naye Elohim-YAKUWA/ Mukama Katonda si Kabaka kyokka, Ye "Ataggwaawo," "NZE" "Ninga bwe ndi" (Okuva 3:14; Okuva 34:5-6; era n'endala). "YAKUWA" mu n'geri y'enjawulo y'endagaano eyabikulwa era erinnya ly'obununuzi erinnya lya Katonda mu ndagaano enkadde.

Entegeka y'obununuzi yonna eberamu byonna ebigoberera ebyelaga omusanvu: "YAKUWA-JIREH" kitegeza "Mukama Katonda aneefunira Omwana gw'endiga ogw'ekiweebwayo" (Olubereberyeye 22:1-14); "YAKUWA-RAPHA" = "Mukama awonya" (Okuva 15:26); "YAKUWA-NISSI" = "Mukama ye bendera yange" (Okuva 17:15); "Y A K U W A - S H A L O M " = "M u k a m a y ' e m i r e m b e gyange" (Ekyabalamuzi 6:24); "YAKUWA-SHAMMAH" = "Mukama waali" (Ezeekyeri 48:35); "YAKUWA-SABAOTH" = "Mukama we ggye" (1 Samwiri 1:3).

Elohim/Katonda, atalabikka, ye mwoyo mu mbeera ze (Yokaana 4:24), omuntu yenna gwatalabangako (Yokaana 1:18; 1 John 4:12), yali yekweka mu butaggwaawo mu bujuvu bwe obw'omwoyo, Omusana era Bulamu (1 Timoseewo 1:17). Ku lubereberyeye lw'ebiseera, ye bikkula nga YAKUWA (Mukama) mu n'geri elabika. Yayogera byonna mu butonde era mu kubaawo kw'obutonzi bwe okuyita mu Kigambo kye ekyobuyinza n'agenda mu lusuuku lwe.

Okusooka "okulangirira okukkiriza mulugudde" ekyatulekerwa mu byawandiikibwa ebitukuvu nga "**Sch'mah Israel**," kyava mu kammwa ka Mukama Katonda mwennyini. Mukama ya yogera ng'alagira: "**Wulira, ggwe Isiraeri: Mukama Katonda waffe ye Mukama Omu...**" (Ekyamateeka Olwokubiri 6:4-9). Mu makko 12:29 tulina obukakafu okuva mu kammwa ka Katonda era n'omununuzi: "**Wulira, ggwe Isiraeri; Mukama Katonda waffe ye Mukama Omu..."**

Okukkirza okw'asooka okubaawo:

YAKUWA ELOHIM YAKUWA Echat – YAKUWA/Mukama Ye Katonda waffe: YAKUWA/Mukama ali Omu!

Kijulira okukkiriza okw'amazima mu Omu, Katonda ow'amazima. Newakubadde singa oyo ataggwaawo yebikula mwennyini mu n'geri ez'njawulo, eky'okulabirako nga Omuronzi, Omununuzi, Kabaka, Omulamuzi, nebilala, Ye asigala oyo ataggwaawo awatali Ye tewaliwo mulala. "*Nze Mukama so tewali mulala; tewali Katonda wabula nze...*" (Isaaya 45:5-6). "**Nze Mukama Katonda wo...tobanga na**

bakatonda balala we ndi." (Okuva 20:2-3).

Okutegera okw'etegeka Ya Katonda ey'Obulokozi mu Ndagaano Empya

Kulwo kutegera kw'etegeka ye ey'obulokozi etaggwaawo eri omuntu, Katonda yebikula mwennyini okuva mu ntandikwa y'endagaano empya nga Kitaffe mu Mwana era n'okuyita mu Mwoyo mutukuvu mu Yesu Kristo (Abaebbulaniya: "Yahshua HaMashiach"), eyafukibwako amafuta owa Katonda. Erinnya ly'endagaano empya "Yahshua" eva mu linnya ly'endagaano enkadde "YAKUWA" era by'atekebwamu. Ekigambo ky'oluebbulaniya "yasha" kitegeza "okulokola" (Okuva 18:30). Tulina okugerageranya Yoweeri 2:32: "...**Buli alisaba erinnya lya Mukama (YAKUWA) alirokoka ...**" ne Bikolwa by'abatume 2:21: "**Olilituuka Buli alisaba erinnya lya Mukama (Yahshua) alirokoka.**" "**Kubanga, Buli alikaabirira erinnya lya Mukama alirokoka.**" (Abaruumi 10:13). YAKUWA w'endagaano enkadde ye Yashua ow'endagaano empya: Mu kitabo ky'oluebbulaniya kyawandiikibwa : "...naawe olimutuuma erinnya lye Yesu (YASHUA): kubanga alirokola (yasha) abantu be mu bibi byabwe." (Matayo 1:21). **YAHSHUA kitegeza "YAKUWA-Omulokozi."** eky'omukisa omubi, Erinnya ly'endagaano empya mu eyo Katonda gye yebikula mwennyini eri nga Kitaffe mu Mwana, nakyo tekyategerekeka mu kumanyiswa kw'akyo mu kulaga entegeka y'obulokozi.

Kyetagisa okubikkulirwa okuyita mu Mwoyo wa Katonda okukutegera bino ebitategerekeka, ebitanyonyorwa ebyama mmwebyo naffe mmwe twa tekebwa. Mu kusooka kino kigenda eri Buli muntu: "Nayeomuntu w'omukka obukka takkiriza bya mwoyo gwa Katonda: Kubanga bya busirusuru gyali; era tayinza kubitegera, **bikeberwa na mwoyo.**" Omutume, naye yali ajulira: "**Naye ffe Katonda ya tubikulira kubw'omwoyo: kubanga omwoyo anoonya byonna era nebitategeerekeka ebya Katonda.**" (1 Abakkolinso 2:10-15).

Nga Omununuzi tana tukiriza ekigendererwa kye era n'okutuwa Obununuzi, yalina okuzaalibwa mu nsi eno nga Omwana mu mubiri gw'omuntu:

"Naye okutuukirira kw'ebiro bwe kwatuuka, Katonda n'atuumma Omwana we eyazaalibwa omukazi, eyazaalibwa nga

afugibwa amateeka..." (Abaggalatiya 4:4).

"**N'okuzaalibwa kwa Yesu kwali bwe kuti...,nalabika nga ali lubuto olw'Omwoyo omutukuvu.**" (Matayo 1:18).

"...**Kubanga olubuto lwe lwa Mwoyo mutukuvu.**" (Matayo 1:20).

"**Ebyo byonna byakolebwa, bituukirire Mukama bye ya yogera mu Nnabbi, ng'agamba nti Laba, Omuwala atamanyi musaja aliba olubuto, era alizaala omwana wa bulenzi, balimutuuma erinnya Emmanweri, eritegezeebwa nti Katonda ali naffe.**" (Matayo 1:22-25; Isaaya 7:14).

"**Ne malayika n'addamu n'amugamba nti Omwoyo omutukuvu alikujjira, n'amaanyi g'Oyo ali waggulu ennyo galikusiikiriza era ekyo ekirizaalibwa kye kiriva kiyitibwa ekitukuvu, Omwana wa Katonda.**" Lukka 1:26-38).

Buno bwe bwaali obujulizi bwa Erisabesi, ayali yajuzibwa n'omwoyo omutukuvu: "Nange no ekigambo kivudde wa, **nnyina Mukama wange** okujja gy'endi?" (Lukka 1:43) – si "nnyina wa Katonda."

Tutegezeebwa mu bulambulukufu era ne mu butuufu ku kuzaalibwa kw'Omwnana wa Katonda. Eno y'engeri Malayika bwe ya kilangirira eri abasumba ku nsi "**Kubanga leero azaaliddwa gye muli Omulokozi mu kibuga kya Dawudi, Ye Kristo Mukama waffe.**" (Lukka 2:11).

Mu Kigambo kya Katonda, tusanga Mukama waffe era Omununuzi ng'alagibwa n'ebina ebitegeeza "ebitibwa by'Omwnana": nga Omwana wa Ibulayimu, Omwana wa Dawudi, Omwana wa Katonda era Omwana w'Omuntu.

Nga Omwana wa Ibulayimu (Matayo 1:1), Ye "Musika w'ensi" (Abaruumi 4:13) – era abanunurwa balondebwa okuba abasika ba Katonda era abasikirawamu ne Yesu Kristo (8:17).

Nga Omwana wa Dawudi (Matayo 1:1b), Ye "Kabaka" (Lukka 1:32; Yokaana 18:37) – era n'obafuula eri Katonda waffe Obwakabaka era bakabona; era abafuga ku nsi (Okubikkulirwa 5:10).

Nga Omwana w'Omuntu Ye "Nnabbi" Oyo Musa gwe ya yogerako (Ekyamateeka Olw'okubiri 18:15-19), nga Peetero bwe ya kitekako esira mu Bikolwa by'abatume 3:22-24: "...Buli mwoyo ogutawulira nnabbi oli gulizikkirizibwa mu ggwanga."

Nga Omwana wa Katonda, Ye "Omununuzi," okuyita mu Ye abanunurwa bafuna okubalibwa nga abaana b'obulenzi n'ab'obuwala

aba Katonda "...tulyoke tuweebwe okufuuka abaana." (Abaggalatiya 4:4-9).

Ku nsonga eno, Omutume ya wandiika ebigoberera: "Pawulo omuddu wa Yesu Kristo, eyayitibwa okuba omutume, eyayawulirwa enjiri ya Katonda, gye yasuubiriza edda mu bannabbi be mu byawandiikibwa ebitukuvu, **ebigambo ebyogera ku Mwana we**, eyazaalibwa mu zzadde lya Dawudi mu mubiri, eyazaalibwa okuba **Omwana wa Katonda** mu maanyi, mu mwoyo gw'obutukuvu, olw'okuzuukira kw'abafu, **Yesu Kristo Mukama waffe, eyatuweesa ekisa n'obutume olw'okuwulira okuva mu kukkiriza mu mawanga gonna, olw'erinnya lye...**" (Abaruumi 1:1-5).

Okusinzira ku mubiri, Omwana wa Katonda, Yesu Kristo, yava mu buzaalirwa bwa Dawudi (Matayo 1:1-17; Lukka 3:23-38), era Ye yatutabaganya "**Mu mubiri ogw'ennyama ye olw'okufa, okubanjula abatukuvu, abataliiko mabala abatanenyesebwa mu maaso ge...**" (Abakkolosaayi 1:22). "eyatuweesa okununulibwa kwaffe olw'omusaayi gwe, **okusonyiyibwa ebyonoono byaffe, ng'obugagga obw'ekisa kye...**" (Abaefeso 1:7). okuyita mu kufa kw'okulumizibwa, Yatuwa okutabagana ne Katonda: "**nti katonda yali mu Kristo ng'atabaganya ensi naye yennyini, nga tababalira byonoono byabwe, era nga yatuteresa ffe ekigambo eky'okutabaganya.** Kyetuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, ngafaanana ng'abeegayirira mu ffe: tubeegayirira mu kifo kya Kristo mutabagane ne Katonda." (2 Abakkolinso 5:14-21). Yafa bw'atylo "...**olw'okufa alyoka azikirize oyo eyalina amaanyi ag'okufa, ye Setaani...**" (Abaebbulaniya 2:14). Okuyita mu kuzuukira kwe, twawebwa obuwanguzi okusinga okufa era n'obutafa.

"Kubanga okufa bwe kwabaawo ku bw'omuntu, era n'okuzuukira kw'abafu kwabaawo ku bw'amuntu...kubanga kimugwanira okufuganga okutuusa lw'alissa abalabe be bona wansi w'ebigere bye. Naye bwayogera nti byonna byasibwa wansi, eyassa byonna wansi we, naye byonna bwe birimala okussibwa wansi we, era n'Omwana yennyini n'alyoka assibwa wansi we, Katonda alyoke abeerenga byonna mu byonna." (1 Abakkolinso 15:21, 25,28).

Bonna abanunulwa bali kiraba mu kukomawo kwa Mukama: "...**laba, mbabulira ekyama tetulyebaka fenna, naye fenna tulifuusibwa, amangu ago, nga kutemya kikowe, akagombe**

ak'enkomerero bwe kali vuga, n'abafu balizuukizibwa obutavunda..." nera abanunulwa bali yitibwa: "Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa okulumwa kwo kuli luuyi wa, naye Katonda yebazibwe, atuwanguza ffe kubwa Mukama waffe Yesu Kristo." (1 Abakkolinso 15:51-57). Amiina.

Katonda Oyo Omu teyegabizanga mu emirundi essatu "abassatu abataggwaawo." ne byawandiikibwa ebitukuvu tekyogerangako ku Katonda "mu bassatu" era "ow'obussatu" oba "ababiri";kyogera nti Kitaffe yelaga mu Mwana yekka kulw'obulokozi bwaffe. Endagaano empya nayo ejulira mu byonna ku oyo Katonda **Omua nga ye Katonda Yekka:** "...nemutanoonya kitibwa ekiva eri **Katonda ali Omu yekka..."**(Yokaana 5:44); "...Okutegera gwe **Katonda Omu...**" (Yokaana 17:3); "**Obanga Kantonda ali Omu** (Abaruumi 3:30); "...naye **Katonda ali Omu.**" (Abaggalatiya 3:20); "Era kabaka ow'emirembe, n'emirembe ataggwaawo, atalabika, **Katonda Omu aweebwenga awebwenga etendo...**" (I Timoseewo 1:17); "**Kubanga waliwo Katonda Omu...**" (1 Timoseewo 2:5). "**Nze ndi Alufa ne Omega, bw'ayogera Mukama Katonda, abaawo era eyabaawo era ajja okubaawo, Omuyinza w'ebintu byonna.**" (Okubikkulirwa 1:8).

Amazima, Okukkiriza kwonna okw'anamadala okw'abatume kwa wandiikibwa mu Baibuli mwokka era kw'atekebwawo eri Ekkanisa ya Mukama lumu n'emirembe gyonna.

"Mukama waffe omu, okukkiriza kumu, okubatiza kumu, Katonda omu, Kitaawe wa bonna, ayita mu byonna, era ali mu byonna." (Abaefeso 4:5-6).

"Era awatali kubuuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu; oyo eyalabisibwa mu mubiri, n'aweebwaa obutuukirivu mu mwoyo, n'alabibwa mu mawanga, n'abuulirwa mu nsi, n'atwalibwa mu kitiibwa." (1 Timoseewo 3:16);

Bwe yafuuka omuntu okusinzira ku tegeka y'obulokozi, Mukama alagibwa ng'omununuzi mu mirimu gye adirira Katonda. Ye **Muwolereza: "Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, Omuntu Kristo Yesu..."** (1 Timoseewo 2:5);

nga bwali **Omuwolereza:** "Abaana bange abato, mbawandiikidde ebyo mulemenga okukola ekibi. Era omuntu yenna bw'akola ekibi,

**tulina Omuwolerezza eri Kitaffe, Yesu Kristo
omutuukirivu..."** (1 Yokaana 2:1);

era **Kabona asinga obukulu:** "Naye Kristo bwe yajja **kabona** ow'ebigambo ebirungi ebigena okujja, n'ayita mu weema esinga obukulu n'okutuukirira, etaakolebwa na mikono, amakulu, etali ya mu nsi muno, so si lwa musaayi gwa mbuzi n'enyanana, naye lwa musaayi gwe ye, n'ayingirira ddala omulundi gumu mu watuukuvu, **bwe yama okufuna okununula okutaggwaawo.**" (Abaebbulaniya 9:11-12).

Kisaanidde bwe tu kirowoozako

Mu myaka 4,000 okuva ku Adamu okutuuka ku Kristo, tewali nomu ayayogera ku Kitaffe mu ggulu – si Ibulayimu, Musa, oba nnabbi yenna – leka kyokka ku Mwana wa Katobnda. Te waaliwo kwogeraganya wakati Kitaawe n'Omwana. Ekiseera bwe kyayita obutategera okuva ku nsonga y'obussatu kyavunuurwa mu byawandiikibwa ebitukuvu, ekyokulabirako, mu kulaga ku kyagoerwa: "**Tukole** omuntu..." (Olubereberye 1:26) nga bwe kiri mu lubereberye 11:7, Mukama bwe ya ggamba, "**Kale nno, tukke, tutabuliretabulire eyo olulimi lwabwe, baleme okutegera enjogera yaabwe bokka na bokka.**"

Mukama Katonda yali teyeyogeza yekka oba nga yogera n'omutuntu obw'obw'aKatonda naye eri Malayika abaali ba mwetoolodde. Tulaba kino nga kikakasibwa mu biseera era nate, nga mu 2 Ebyomumirembe 18:18-22, Mukama Katonda we yaalina okwogerezeganya nejje eryo muggulu nga bayimiridde ku mukono gwe ogwa kkono n'ogwa ddyo. Mu Isaaya 6:1-13 Mukama n'agamba eri aBasseraafi abaali ba mwetoolodde, "**Naatuma ani, era anaatugenderera ani?**" (v. 8). Ya buuza Yobu, "Wali oli ludda wa bwe nnassaawo emisingi gy'ensi?...Emmunyeenye ez'enkya bwe zaayimbira awamu, **N'abaana ba Katonda bona ne boogerera waggulu olw'essanyu?**" (Yobu 38:4+7).

Mukama yafuuka nga ffe bwe ya yambala omubiri gw'omuntu ng'Omwana wa Katonda: "...naye yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuddu, **n'abeera mu kifaananyi ky'abantu...**" (Abafiripi 2:7). yawaayo omusaayi gwe olw'okusonyiwiba kw'ebibi byaffe: "Kubanga kino gwe musaayi gwange ogw'endagaano, oguyiika ku lw'abangi olw'okuggyawo ebibi." (Matayo 26:28), n'akola endagaano

empya naffe, era natufuula okubalibwa ng'abaana: "**Era kubanga muli baana, Katonda yatuma Omwoyo gw'Omwana we mu mitima gyaffe...**" (Abaggalatiya 4:4-7).

Kirungi okumanya nti Mukama/YAKUWA ow'endagaano enkadde y'omu ne Mukama YESU ow'endagaano empya. Mu lubereberye mu lusuku Edeni Oyo atalabika, Katonda ataggwaawo yelaga okuyita mu ndagaano enkadde yonna mu n'geri elabika nga Mukama. Nga yegattiddwako b'amalayika babiri, yakyalira Ibulayimu: "**Mukama n'amulabikira Ibulayimu awali emivule gya Mamule... N'ayimua amaaso ge n'atunula, era, laba, abasajja basatu nga bayimiridde mu maaso ge...**" (Olubereberye 18:1-2). Mukama yeyongera okwogera ne Ibulayimu (v. 17) bamalayika babiri ne batuuka e sodomu (Esula 19) Yakobo yamulaba ku madala agatuuka mu ggulu: "**Era laba, Mukama ng'ayimiridde waggulu waago, n'ayogera nti Nze Mukama, Katonda wa Ibulayimu jjajjaawo, era Katonda wa Isaaka: ensi gy'ogalamiddeko, ndigikuwa ggwe n'ezzadde lyo...**" (Olubereberye 28:12-15). Yalabikira Musa mu kisaka ky'omuliro (Okuva 3), era nawo ne yelaga mwennyini eri abantu bona abla Isiraeri mu bire era ne mu pagi y'omuliro (Okuva 40:34-38). Eri Musa Mukama yayogera naye maaso ku maaso (Ekyamateeka Olw'okubiri 34:10). Nnabbi mikaaya yalaba Mukama ku Ntebe (1 Bassekabaka 22:19), nga nnabbi Isaaya bwe yalaba (Isaaya 6). Omutume Yokaana naye bw'atyo yamulaba ku Ntebe: "... **era laba, entebe ey'obwakabaka yali ng'eteekeddawo mu ggulu, era nga waliwo eyali atudde ku ntebe...**" (Okubikkulirwa 4:2). Ono teyali muntu wa kubiri naye yali Katonda, oyo nga ye mwoyo ddala nga Mukama mu n'geri elabika.

Mu ndagaano empya, Katonda yelaga mwennyini nga Kitaffe mu ggulu mu mwana we yekka eyazaalibwa ku nsi. Nga bwe ya ggamba, "**Nnavu eri Kitange...**" abayigirizwa ne n'ebaddamu, "...**Kyetuva tukkiriza nga wava eri Katonda.**" (Yokaana 16:28-30). Oluvannyuma ng'amaze emirimu gye egy'obununuizi, yatula wansi ng'Omwana w'Omuntu ku mukono og'waddyo ogwa Katonda (Matayo 26:63-64): "Nti Nninya mu ggulu eri Kitange, era kitammwe..." (Yokaana 20:17). Kino kyali kya yogerwako dda mu Zabbuli 110:1: "...**tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebey'ebigere byo.**" (Matayo 26:64; Lukka 22:69; ne mu Abaebbulaniya 2:7-8; era nebilala). Nga Mukama – si nga Mwana – ya ggamba "**Ddala ddala mbagamba nti Ibulayimu nga tannaba kuzaalibwa, nze nga**

wendi." (Yokaana 8:58).

NZE ayogera mu ndagaano Enkadde era n'Empya:

"**Nze ndi Mukama, omutukuvu wammwe, Omutonzi wa Isiraeri, Kabaka wammwe.**" (Isaaya 43:15).

"**Nze, nze mwene, nze nzuuyo asangula ebyonoono byo ku lwange nze; so sirijjukira bibi byo.**" (Isaaya 43:25).

"**Mpuliriza, ggwe Yakobo, ne Isiraeri gwe nnayita: nze nzuuyo; nze w'olubereberye, era nze w'enkomerero.**" (Isaaya 48:12).

"**Awo piraato n'amugamba nti Kale ggwe kabaka? Yesu n'addamu nti Oyogedde, ku banga nze kabaka. Nze nnazaalirwa ekkyo, n'ekkyo kye kyandeeta mu nsi, ntegeeze amazima.**" (Yokaana 18:37).

Okulagibwa "NZE" kisangibwa emirundi minji mu njiri ya Yokaana: "**NZE mmere y'obulamu; NZE musana ogw'akira ensi; NZE musumba omulungi; NZE kuzuukira; NZE kubo, amazima, era n'obulamu.**"

"**NZE ndi Alufa ne Omega, bw'ayogera Mukama Katonda, abaawo era eyabaawo era ajja okubaawo, Omuyinza w'ebintu byonna.**" (Okubikkulirwa 1:8).

"**NZE Alufa ne Omega, ow'olubereberye era omukoobezi, okusooka n'enkomerero.**" (Okubikkulirwa 22:13).

Okusalawo ng'omaze okubyawukanya

Obujulizi bwe endagaano enkadde n'empya obw'Omulokozi waffe Yesu Kristo nga bukiriziganya wamu. Mu kugerageranya, mu katabo akayigiriza okukkiriza mu ba Catolich era nebitabo ebilala ebiyigiriza eby'enzikkiriza tusanga nga babiwandika ebikwata ku kukkiriza ebya gunjibwawo n'abantu. Omutume Yokaana mu bulambulukufu ya yogera, "**Mutegeererenga ku kino Omwoyo gwa Katonda: Buli mwoyo ogwatula nga Yesu yajja mu mubiri nga guvudde eri Katonda: Na Buli mwoyo ogutayatula Yesu nga teguvudde eri Katonda: Era ogwo gw'emwoyo ogw'omulabe wa Kristo, gwe mwawulira nga gujja era kaakano gu maza okuba mu nsi.**" (1 Yokaana 4:2-3). Ku somo y'okwenenya eri Kristo, Omwana, agenda ku nsonga na buuza, "Omulinba ye ani wabula oyo agaana **nга Yesu si ye Kristo (= Ayafukibwako amafuta)? Oyo ye mulabe wa Kristo agaana Kitaffe n'omwana.**" (1 Yokaana 2:22). Ekigambo

"mulabe" kitegeza "alwanyisa, ekitakwatagana, nga bwe kyandibadde." Kilaga omwoyo gw'omulabe wa Kristo, ekyokulabirako emwoyo ezikolera mu kuwakanya Kristo n'omulabe wa Kristo, ali wansi w'okusikkirizibwa omwoyo omukyamu. **Buli gigiriza y'omuntu yenna etakwatagana n'ekyo Omwoyo wa Katonda kye yalangirira mu jigiriza ya Kristo mu Baibuli oba mulabe wa Kristo , ekibeera ddala kumulwanyisa, era kitwawula ne Katonda – okuva ku muti gw'obulamu** (Okubikkulirwa 22:19).

Bwe tukweeka okulabula kw'abatume nti Buli mwoyo ogutenenya mu Yesu Kristo mu Baibuli, ekyokulabirako nga Omwana eyalabikira mu mubiri, si Katonda, awo ebibuuzo ebigoberera biggya: **Kiki ku abo bona abenenya Omwana, Okuzaala kw'oyo embererera kwalangirirwa mu Isaaya 7:14 era Eyazaalibwa mu Besirekemu** nga bwe kya yogerwa mu Mikka 5:1, nga omuntu w'[okubiri ataggwaawo mu Bulamba bwa Katonda, ekitasangibwa wantu wonna mu Baibuli? Omutume Yokaana ya kitekako esira, "...Buli mwoyo ogutayatula Yesu nga teguvudde eri Katonda era ogwo gwe mwoyo ogw'omulabe wa Kristo..." (1 Yokaana 4).

Okugunjibwawo kw'obulombolombo bwe kkanisa, nga bwe bwa tondebwa mu kuteesa kwa Nicaea mu mwaka 325 era kweyongerayo okutuuka mu Constantinople mu 381, te bifaanana n'obujulizi obwa tulekebwa mu byawandiikibwa ebitukuvu. Ekyokulabirako, bogera ku "...Omwana wa Katonda yekka, ataggwaawo eyazaalibwa owa Kitaffe, Katonda okuva eri Katonda, Omusana okuva eri Omusana, Katonda ow'amazima okuva eri Katonda ow'amazima, eyazaalibwa, naye ata kolebwa, omu abeerawo ne Kitaawe." Omwana yazaalibwa okuba nga Katonda okuva eri Kitaffe mu ggulu ng'ebiro te binatandika nga kitegeza mu butaggwaawo? Ekyo mu byonna ki kyamu.

Nekyo tebasobola mu butuufu kutegeza Kristo, Omwana, Eyafulibwako amafuta. Oluvannyuma lwa byonna, ebyawandiikibwa ebitukuvu bi ggamba muZabbuli 2:7: "**Nti ggwe oli mwana wange; leero nkuzadde.**" Naye obutaggwaawo tebulina leero n'enkyia; nga bwe kyaliwo bwe kiribeera. Malayika Gabudheri yajja okuva mu ggulu n'alangirira **okuzaalibwa kw'OMwana ku nsi.** Ya yogera eri eberera Malyamu, "**Era, laba, oliba olubuto, olizaala omwana ow'obulenzi, olimutuuma erinnya YESU (Yahshua).**" (Lukka 1:31).

Obulombolombo "Kitaffe ye Katonda, Omwana ye Katonda, era Omwoyo omutukuvu ye Katonda; Kitaffe taggwaawo, Omwana taggwaawo, era n'Omwoyo omutukuvu taggwaawo" Mu byonna tekiri mu byawandiikibwa era aba mulabe wa Kristo. Waliwo Katonda Omu yekka ataggwaawo: "...Okuva ku mirembe gyonna okutuusa ku mirembe gyonna ggwe Katonda." (Zabbuli 90:2). Ebigambo "Katonda Omwana" era nga "Omwana ataggwaawo" tebisangibwa mu Baibuli akaseera n'akamu, oba "Katonda Mwoyo omutukuvu." Mu yo kyogera ku Mwana wa Katonda n'Omwoyo omutukuvu gwokka. Omwoyo omutukuvu si muntu wa kusatu naye Mwoyo gwa Katonda, Ogwo mulubereberye gw'amaamira ku mazzi (Olubereberye 1:1) era kyogerwako emirundi 378 mu Baibuli nga "Ruach YAKUWA" era gw'afukibwa ku kkanisa y'endagaano empya ku lunaku lw'abapentakoti (Ebikolwa by'abatume 2). Wokka mu mwaka 381 Omwoyo omutukuvu we gwa langirirwa okuba Omuntu ow'okusatu mu Bulamba bwa Katonda mu kuteesa kwa Costantinople. Bwe-bayita "Obulombolombo bw'abatume". Si by'abatume oba Baibuli. **Ebyo byokka ebiva mu batume bye biba eby'abatume, era ebyo byokka ebyawandiikibwa mu Baibuli bye biba eby'aBaibuli:** "Naye gy'etuli waliwo Katonda omu, Kitaffe, Omuva byonna, naffe tuli ku bw'oyo; ne Mukama waffe omu Yesu Kristo, abeesaawo byonna." (1 Abakkolinso 8:6). **Katonda Omu yebikula mwennyini nga Mukama – Kitaffe mu Mwana.**

Si kya mugaso eri ekkanisa yonna okukitekako esira mu bulombolombo bwabwe ebigambo okuva mu baefeso 4:5,"Mukama waffe Omu, Okukkiriza kumu, Okubatizibwa kumu," singa ba Mukama bajawulo, ezikkiriza z'ajawulo, n'okubatizibwa kw'anjawulo okuva kw'okwo okuli mu byawandiikibwa ebitukuvu okw'ajulirwa, n'ekuyigirizibwa, era ne kukolebwa.

Obukubagano mu kusomesebwa kw'ebi'enzikkiriza mu kyassa eky'okussatu eky'obukristayo kwetyongera bwokka kubanga ebirowoozo by'omuntu bya gezako okulaga ekifaananyi kya Katonda mu Bulamba bwe, mu kugezako okutambulira awamu n'akyo, era n'okunyonyola okubikkulirwa kwa Kitaffe mu Mwana, wade balowooza nti kyawandiikibwa: "...So tewali muntu amanyi Omwana wabula kitaawe; so tewali muntu amanyi Kitaawe wabula Omwana, na Buli muntu Omwana gw'ayagala okumubikkulira." (Matayo 11:25-27; Lukka 10:21-22). Abatume ne Nnabbi te ba kubaganyako birowoozo ku somo ly'Obulamaba bwa

Katonda Kubanga Katonda kye yali agambye eri Peetero kyali n'akyo kigenda gy'ebali: "...**Kubanga omubiri n'omusaayi tebyakubikkulira ekyo wabula Kitange ali mu ggulu.**" (Matayo 16:16-19).

Amazima gennyini ag'okukkiriza ag'ekkanisa emu ey'amazima, nga yo yennyini y'empagi n'omusingi gw'amazima (1 Timoseewo 3:15), kisangibwa mu Baibuli mwokka. Mu kyo ba tugamba Yesu Kristo kyali, Omwana wa Katonda, ow'anamaddala. **Ow'emirembe gyonna. Okukkiriza kw'aBaibuli-okw'abatume Kwa yogerwako ne Katonda mwennyini.** Oluvannyuma lwa byonna, ki kwata ku bununuzi era n'obulamu obutaggwaawo: "**Era okutegeeza kwe kuno nti Katonda yatuma obulamu obutaggwaawo, era obulamu obwo Buli mu Mwana we. Ali n'Omwana alina obulamu; atalina Mwana wa Katonda talina bulamu.**" (1 Yokaana 5:11-12).

Bumanyirivu bw'obulokozi nti Buli muntu asobola okukikola ng'omuntu olw'ekisa kye. "**Nayebonna abamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda be bakkiriza erinnya lye.**" (Yokaana 1:12).

"Era tumanyi nti Omwana wa Katonda yajja n'atuwa amagezi n'okutegeera tutegeere ow'amazima, era tuli mu oyo ow'amazima, mu Mwana we Yesu Kristo. Oyo ye Katonda Ow'amazima n'obulamu obutaggwaawo." (1 Yokaana 5:20). Amiina, kituufu, Amiina!

Kubanga ekkanisa ey'amazima eya Yesu Kristo, etali kibina naye ekintu ekirina obulamu, mazima ejigiriza ya Baibuli ntuu fu nga bwe yawandikibwa mu byawandiikibwa ebitukuvu. Mu kkanisa Ye, ebyo byokka **ebiyatekebwawo mu ndagaano z'emirembe gyonna** bye bisobola okukkirizibwa era n'ebiyigirizibwa, Kubanga tewali kisobola kufuusibwa mw'ekyo era Tewali kisobola kwongerwa kw'ekyo (Abaggalatiya 3:15; Okubikkulirwa 22:18-21). **"Naye obanga ffe oba Malayika ava mu ggulu bwa buuliranga enjiri wabula nga bwe twababuulira akolimirwenga."** (Abaggalatiya 1:8).

Buli muntu yenna ayafuna okuyitibwa kwa Katonda ng'abatume Peetero, Yokaana, Yakobo, era ne Pawulo bakuyimirira era baliyimirira kulwa Katonda yekka era ne Kigambo kya Katonda. Bw'ekityo, bona abali mu kuweereza kkanisa bakuliriza ekyo kye bakkiriza, kye bayigiriza, era ne kye bakola, ekyokulabirako, obukulu bw'okukkiriza kwabwe era n'obulombolombo bwabwe obw'asalibwawo

mu nteesa ez'enjawulo era ne mu kuteesa kw'ekkanisa okuva mu kyassa ky'okuna eky'obukristayo. Newakubadde oluvannyuma lw'okudabulurwa, gonna amaddinni amapya aga gunjizibwawo ag'obukristayo basalawo enjigiriza yaabwe bennyini, nazo ezitakkiriziganya ne byo eby'omu Baibuli. Kaakano waliwo abantu abasuuka mu buwumbi bubiri aba sikirizibwa ennyo n'obukristayo mu nsi yonna, nga beyawula mu ba Catholic, aba Orthodox, aba Protestant, era na b'ekkanisa ya angelican ng'abalala abangi ab'enjawulo ab'amakkanisa amatono.

E'nkulankukana ey'ennaku eri mu bukristayo obw'ateekebwawo

Buli omu asobola, kituufu, okwesalirawo ku ani Kiki kyali n'okukkiriza. Ebigoberera bya ku balaga e'nkulankulana ey'ennaku mu biseera by'ebayafayo by'ekkanisa.

Mu bukristayo obw'asooka, okulangirira kw'ali kwa byawandiikibwa. Abatume baali balagirirwa ne Mukama mwennyini era baali balungamizibwa Mwoyo mutukuvu. Abakristayo abasooka baali ba mutima gumu n'ememe. Ekkanisa ey'asooka teyali kibina kya nzikkiriziza naye ekintu ekilimu obulamu. Katonda mwennyini yali yateka mu kkanisa ye abatume, bannabbi ababuulizi abayigiriza n'abalunzi (1 Abakkolinso 12; 1 Abakkolinso 14; Abaefeso 4; era nebilala). Amakungganiro go ku kyalu nga gali nabakadde era ne ba ddikoni ga tekebwawo agali ge mala ga tegeyingiza mu bya bufuzi. Okukula kw'amagu okw'amakungganiro g'abaKristayo, oluvvanyuma ga labibwa nga ekisomoza eri enzikkiriza y'obuwangwa era n'entegeka yaabwe n'abamu kw'abo abalina obuvunanyizibwa mu bwakabaka bwa Baruumi obw'edda. Wansi wa Nero eyali Omufuzi mu bwakabaka bwa Baruumi mu (AD 64), Okuyiganyizibwa ne kutekebwamu, ebyo ebyeyongerera ddala mu biseera bye kyassa eky'asooka.

Oluvannyuma lw'o kuyiganyizibwa okubi ennyo okw'obukristayo wansi w'omufuzi wa Baruumi ayitiibwa Diocletian (AD 284-305), obukristayo bwa kakasibwa ne by'obufuzi bwe ggwanga n'omufuzi Constantine mu mwaka 313. olwo bwe lwalibwa obukristayo obwali nga butandise okugwa, batandika otambulira wamu n'abafuzi bye bagala. Kyali kimaze okubaawo omwaka gumu emabega, Costantine yali yeteekawo mwennyini nga "Kabona asinga obukulu owe tendekero ya ba pontiffs mu Roma ey'edda" eyali afuga eggwanga era ne kkanisa

eyo y'engeri "ekkanisa y'eggwanga" bwe yatandiikibwawo mu bufuzi bwa Baruumi.

Mu mwaka 380, okukkiriza kw'obussatu kwa langirirwa okuba enzikkiriza ye ggwanga n'omufuzi Theodosius 1, era nga sibooka aba maddinni amalala naye bona abatunze mu bwakabaka bwa Baruumi baali betagibwa okubeera mu kyo. Okulangirirwa kwali: "Tewali bulokozi awatali kkanisa!" era: "oyo yekka alina ekkanisa ng nnyina w'omulala wasobola okuba ne Katonda wa kitaawe omulala." Kiki kino eky'obufuzi n'eky'enzikkiriza okwongera okukulankulanya okwe kkanisa ye ggwanga kyi kya kola okutuusa ku Kkanisa ya Yesu Kristo? Obutalimu, eky'enkomeredde obutalimu!

Ekitiibwa "kabona asinga obukulu owe Roma," eyali kyakirizibwako eri kabona omukulu mu ku sinza ebifaananyi okw'edda mu bwakabaka bwa Baruumi, kyasooka okutwalibwa eri ba Emperor abaruumi nga akaseera kayise ne buddira ba papa: Papa leo owamaanyi (AD 440-461) ye yali omulabirizi eyasooka eyewa ekitiibwa kino. Okusooka okukulembera mu kitiiibwa kya papa n'okutwala abangi okw'ekkanisa ya Catholic mu bwonna bwestigama ku bulimba obwa yongerwamu nti Yesu yatekawo ekkanisa ku mutume Peetero, oyo gye yawa ebisumuluzo by'obwakabaka bw'omugulu, era nti Peetero ye yali ddala Omulabirizi owe Roma bw'atyo ye Papa eyasooka.

Mu kukola ekyo, nabo bategeeza eri ebigambo bya Yesu: "...Ku lwazi luno: ndizimba ekkanisa yange..." Naye tewaliwo asoma eby'enzikkiriza atamanyi nti ebigambo ebyo eby'enjawulo bikozesebwa mu Matayo 16:18. Mukama waffe ya ggamba "...Simooni ba-yona..." (Petros=ejjinja, ebibajo by'olwazi). Naye, teya gamba, "... nti ku ggwe kw'endizimba e kkanisa yange..." naye yali agamba "...ku lwazi luno (Petra=olwazi olunene) **Ndizimba e kkanisa yange...**" kisoboka kitya okugamba nti Peetero yalina okuba olwazi kw'oyo e kkanisa kwe yazimbibwa?

Ekkanisa, mu butuufu, yazimbibwa ku Kristo olwazi lw'obulokozi, ejinja ery'okusonda nga omutume Peetero mwennyini bwa julira mu Peetero 2:4-8: "**Laba, nteeka mu sayuuni ejinja ekulu ery'okusonda eddonde, ery'omuwendo omunji:** era amukkiriza talikwasibwa nsnyi." Mu kulaga ekkanisa ya Baibuli, Pawulo yawandika mu Baefeso 2:20: "...mwazimbibwa ku musingi be batume ne bannabbi, Kristo Yesu yennyini bw'ali ejinja eddene ery'okusonda..."

Kulwo kutumibwa kwa Katonda, yawandika: "Nga ekisa kya Katonda kye nnaweebwa ng'omukoza ow'abazimbi ow'amagezi n'asima omusingi; n'omulala n'azimbako. Naye buli muntu yeekuumanga bwazimbako. **Kubanga tewali muntu ayinza okusima omusingi omulala wabula ogwo ogwasimibwa, ye Yesu Kristo.**" (1 Abakkolinso 3:10-11).

Mu kkanisa emu eya Katonda ey'amazima, eyo erimu abanunurwa, Yesu Kristo ye Mutwe (Abaefeso 4:15). Oluvannyuma lwa byonna, Mukama waffe era Omununuzi mwennyini ya ggamba, "**Nangendizimba ekkanisa yange; so ne milyango egypt Emagombe tegirigiyinza.**" (Matayo 16:18) – si makanisa mangi naye "**Ekkanisa yange.**" Kino kilaga ekisibo ekitono ekya bakkiriza (Lukka 12:32) ekyo omulunzi omulungi yawaayo obulamu bwe era endiga ze ziwlira eddoboozi lye lyokka (Yokaana 10).

Omutume Simooni Peetero teyaliko mu Roma ekyo kigendere ekyatekebwawo lwa kw'egombesa kwe. Waliwo omusomi ayitiibwa Simooni Magus, eyatekawo okusikiriza kunene ku mu kyise. Okusinzira ku bikolwa by'abatume 18, Emperor Claudius, eyafuga okuva AD 41 – 54, wadde nga ya goba abayudaaya bona mu Roma, omwali n'abafumbo ababiri Aquila era ne Priscilla. Omutume Peetero teyawandiika Ebbaluwa ye okuva mu Roma naye okuva mu kibuga ekya babulooni ku muga Euphrates (1 Peetero 5:13), ebyasigalira bye bikyaliwo ne kaakano, 92km emaserengeta ga Baghdad mu Iraqa. Engendo z'obuweereza bwa Peetero ne Pawulo zilagigwa mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume. Pawulo, emirundi mingi eyabeeranga mu Roma mu ngendo ze – lumu wadde mu myaka ebiri (Ebikolwa by'abatume 28:30), teyamulamusa mu bbaluwa ye eri abakkiriza bo mu makanisa go kukyallo eyo. Newakubadde ya yogera ku bantu 27 mu manya (Abaruumi 16).

Okwogera kuno nakwo kwakolebwa ne Yesu: "**Be munaggyangako ebibi byonna, baggibwako...**" kyamala mu bwonna ne kivunuurwa mu bukyamu. Mu biseera by'abatume, tekyaliwo nga ekikolwa ekyakakasibwa okusinzira ku kukendeze obuyinza bw'aba kabona naye nga okiwebwayo okuyita mu kubuulira kwa Yesu Kristo, eyatekebwa ku musalaba, ye nga endiga ya Katonda yasitula ebibi by'ensi. Okutumibwa kw'abatume okw'oyo Mukama ayazuukira kuli nga bwe bigoberera: "...**Amawanga gonna okubuulirwanga okwenenya n'okuggibwako ebibi mu linnya lye...**" (Lukka 24:47); Ebikolwa by'abatume 13:38).

Okubuulira okw'asooka ku lunaku lw'abapentakoti oluvannyuma lw'okufukibwa kw'omwoyo Omutukuvu n'okutondebwa kw'ekkanisa y'endagaano empaya mu Bikolwa by'abatume 2 kyakwata ku bangi abawuliriza mu buziba, "balumizibwa mu mitima gyabwe," ekyabakulembera okubuuza ekibuzo: "**Nti abasajja ab'oluganda tunnakola tutya? Peetero n'agamba nti mwenenye mubatizibwe** Buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo Okuggibwako ebibi byammwe mu naweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu. ...awo abakkiriza ekigambo kye nebabatizibwa: ne bongerwako ku lunaku luli abantu n'genkumi ssatu." (vv. 37-41).

Mu kulaga obununuzi obwa malirizibwa, Peetero yawandika: "**Nga mumanyi temwanunulibwa na bintu ebiggwaawo, feezza oba zaabu, mumpisa zammwe ezitalimu ze mwaweebwa bajjajjammwe; wabula n'omusaayi ogw'omuwendo omunji, ng'ogw' Omwana gw'endiga ogutaliko bulema newakubadde ebbala...**" (1 Peetero 1:18-19). Abatume era n'abaddu bonna ab'amazima aba Katonda babuulidde enjiri, ekyokulabirako okusonyiwibwa kwe bibi era n'okutabagana ne Katonda era n'okuyita omuntu yenna ayakkiriza: "Ebibi byammwe bisoniyiwibwa mu linna lye!" abo abatakkiriza ba sigaza ebibi byabwe (Makko 16:16; Yokaana 20:23). Ekye nnaku, Ekigambo kya Katonda kivunuddwa mu bukyamu era Buli jigiriza n'ebikolwa bya fuusibwa. Okuvunuula kwonna kuva mu butategeera ku byawandiikibwa ebilala. Okusinzira ku tegeka Ya Katonda mu nteekateeka y'obulokozi, Buli somo, nga mulimu buli jigiriza ya Baibuli, eri n'okusangibwa ku bibiri, bissatu oba obujulizi obusingawo/Ebyawandiikibwa (2 Abakkolinso 13:1).

E'kubo ly'obumaliruivu

Bajjajja be kkanisa abava mu bukafiri baali mu bungi oba mu butono wansi w'okusikirizibwa kwe biseera by'okusinza ebifaananyi oluvannyuma lw'okuwa kwa Alexander omuyonani era n'enzikkiriza ya credulous mu kwefaananyiza n'obwa Katonda. Okusingira ddala tebategera oba te bagendera ku ndagaano enkadde era n'olwekyo ne ba vunuula endagaano empaya okusinzira ku kutegeera kwabwe bennyini, ba jweteeka eby'obulimba ku bayudaaya, abali tebakkiriza jigiriza yaabwe ey'obussatu, nga babayita abatemu ba Kristo era aba Katonda era nebabayiganya ne baba kolimira mu n'geri eyagunjibwawo ey'obussatu "mu linnya lya kitaffe, era ne mu yo

mwana, era ne mu y'omwoyo omutukuvu." Kyali dda mu 321, bali baganibwa dda okukwataabbiiti okuyita mu kilagiro ky'abantu, newakubadde nga Katonda yali yabalagira okukwatanga ssabbiiti: "**Abaana ba Isiraeri kyebanaavanga bakwata ssabbiiti, okwekuumanga mu mirembe gyabwe gyonna okuba endagaano etaliggwaawo. Kale kabonero wakati wange n'abaana ba Isiraeri ennaku zonna: kubanga mu nnaku mukaaga Mukama yakola eggulu n'ensi, ne ku lunaku olw'omusantu n'awummula, n'aweera.**" (Okuva 31:12-18). Amasinzizo gaabwe amalala gakozesebwanga nga makumiro ga bizi. Okwo kwe kwali entandikwa y'okuuboola abayudaaya eyasigibwa mu kkanisa ebaddewo okutuusa ne leero. Mu biseera nate kivuddemu okutilibula ab'enzikiriza endala, era kyatuuka ku ntiko yakyo mu kuttibwa okwaliwo mu sematalo ow'okubiri mu biseera byo "kufuga kwa ba nazzi mu Germany" okuva mu 1933-1945.

"Mu kussa ekitibwa mu bussatu," emisango ezisingayo obubi zazibwa ku bantu banji ebenjawulo ab'enzikkiriza endala. Mu kubuuli okwenjiri okw'omubisawe okw'omusantu wakati wa (AD 1096 era ne 1270), obukadde bwa bantu bw'afira mu linnya lya "Katonda ow'obussatu." mu gw'ekumi n'ogumu 27, 1095, papa Urban 2 yayita okugoba oyo yenna "atakkiriza" okuva mu Yerusalem era ne batwala ebifo ebyali ebitukuvu, era abantu abayitibwa: "akabonero ka ba Catholic." – "Katonda akyagala!" kulw'okutano, ogw'omusantu nga 15, 1099, okutta abantu okunene mu mikono gyabo abakuliranga okutta abantu b'enzikkiriza endala okw'atandikira mu Yerusalem: okutuuka 80,000 abayisiramu, abayudaaya, nabalala battibwa nabano abattanga abantu ab'enzikkiriza edala – era ebyo byonna "ku lw'ekitibwa kya Kitaffe, era ne ky'omwana, era ne ky'omwoyo omutukuvu"!

Abattanga abantu b'enzikkiriza endala baali ne kigendererwa kyo kukomya obufuzi bwa bayisiramu mu Yerusalem era n'okutekawo obuyinza bwe kkanisa. Kye baali bawandika kyali kyibakwatako kw'ekyo kye bayita "Ekkanisa ye kisenge ekitono ekibajje okuva mu lwazi" wakati w'ekibuga. Mu mazima, naye amalalo agatalimu Kristo gasangibwa wabweeru we kibuga: eno y'engeri omubuulizi Yokaana bwe yakiwandika: "Awo mu kifo we yakomererwa waaliwo olusuku; ne mulusuku mwalimu entaana etannaba kutekebwamu muntu." (Yokaana 19:17+41; Matayo 27:32). Mu biro ebyo, Bali balubiridde okutondawo entegeeka empya ey'obukristayo mu nsi ne "Obwakabaka bwa Yerusalem" wansi w'omufuzi owa Gottfried von

Bouillon.

Mu kifaananyi ekilagibwa wansi, naffe tulaba obungi bwa bantu abatusibwako obuzibu ne kubamu abattanga abantu b'enzikkiriza edala. Akasitaze ka wakati kalaga omuwendo gw'ennyini ogw'abo abetabanga mu kutta abantu b'enzikkiriza edala; akasitaze akasembayo kalaga omuwendo gwa bantu abo abaali basemberedde okutuuka mu kifo ekyo ekitukuvu kye bakungganirangamu.

Kreuzzug	Teilnehmer	Teilnehmer (im Heiligen Land angekommen)
1. Kreuzzug (1096/99)	330000	40000
2. Kreuzzug (1147/49)	240000	90000
3. Kreuzzug (1189/92)	350000	280000
4. Kreuzzug (1202/04)	30000	<u> </u>
5. Kreuzzug (1228/29)	70000	60000
6. Kreuzzug (1248/54)	25000	10000
7. Kreuzzug (1270)	25000	10000
Insgesamt	1070000	490000

(Source: Alfred Lapple, Illustrierte Geschichte der Kirche)

Waliwo ebirowozo bingi ku muwendo gwa bantu abattibwa wakati we byassa bye 13 era ne 18, abo abaali ku battibwa n'abano-abayitibwa "ekibina kyabalina obuyinza mu nzikkiriza y'obucatholic"; mu ngeri yonna bali nkumi. Oluvannyuma lwa bayudaaya bangi nga bamaze okuttibwa era nga nabala bangi nga badduse abo bona abatayagala okuyingira mu nzikkiriza y'obucatholic bali balina okwamuka Spain mu gw'omusanvu nga 31, 1492. Awo oluvannyuma Spain e catholic yalangirirwa okuba "Etalimu Bayudaaya."

Ekibinga kyabattemu nakyinku abaali mu nzikkiriza y'obucatholic mu biseera by'ekiro ky'ogwomunana nga 23/24, 1572, lwe lwali entandiikwa yo kutta okw'abantu enkumi n'enkumi za baprotestanti mu Bufalansa. Mu biseera by'okuziyiza okudabulura okwaliwo mu kyassa kye 16 era ne 17 ekilagira ddala emabega eri Ignatius owa Loyola (1491-1556), enkumi n'enkumi za baprotestanti banggibwa mu maka gaabwe na lyanyi era bangi bafirwa obulamu bwabwe. "Kubanga," kya yogerwa emirundi n'emirundi, "nti tewali bulokozi awatali kkanisa." Ekkanisa etengamiddwa n'omusaayi omungi kisobooka kitya okukiteeka mu mateeka ga Kristo era ne Katonda ow'okwagala? Eri kibuga ki Okubikkulirwa 18:24 kye kwali kutregeeza: "*Era n'omusaayi gw'abannabbi n'abatukuvu n'ogwa boona abattibwa ku nsi gwalabika mu Ye.*" Ekyo kye kyali ekibuuzzo

ekyalagibwa n'ababuulizi abazza obuggyga.

Ku kusemberera okubuuuibwa, tewali kintu mu kkanisa ye ggwanga, ekyabaawo mu kyassa ky'okuna mu bwakabaka bwa Baruumi, obuli mu kukiriziganya ne Katonda oba ekigambo kye era n'ekkanisa eyasooka. Okusingira ddala oluvannyuma lw'okwawuka kwe kkanisa mu 1054 mu kkanisa y'ebuvanjuba bwa buyonaani era n'eyo ekkanisa ye bujwanjuba, oluvannyuma ekywa okuyimuka kwe kkannisa y'obucatholic era n'amakkanaisa g'aba Orthodox, Bombi beyongeera mu kuzimba obuwangwa bwabwe bennyini awatali ku wuulirisa Baibuli n'ebyo Peetero, Yokaana, Yakobo, ne Pawulo kye balangirira, ne bayigiriza, n'ebakola nga abatume abatumibwa ne Katonda. Abatume te ba, ekyokulabirako, okulungisa n'okulangirira abantu abafu okuba abatuukirivu. Bw'attyo, Mukama mwennyini yayigiriza obubaaka bwe, nga bulimu emikisa mwenda ezabalibwa ne Yesu mu kubuulira kwe ku lusozi (Matayo 5) eri abalamu: "Naye amaaso gammwe gali n'omukisa, kubanga galaba; n'amatu gammwe kubanga gawulira." (Matayo 13:16)

Okutabagana n'abafu mu bulambulukufu tekikirizibwa mu byawndiikibwa ebitukuvu (Ekyamateeka Olw'okubiri 19:31). Malyamu yali atukiriza omurimu ggwe n'okuzaalibwa kwa Yesu Kristo era kyogerwako omulundi ogusembayo mu bikolwa by'abatume 1:14, bwe yali ku abo 120 abali balindiridde okufuukibwa kw'amafuta mu Yerusalem. Kulwe kkanisa ya Yesu Kristo tabangako mutabaganya oba muwolereza, era tekiriwo "Maria ajudde enema" kyadibwami mu nnaku ezedda ez'obukristayo. Ebyawandiikibwa ebitukuvu bijulira kwe kyo kyokka okutwalibwa kw'omubiri gw'omununuuzi mu ggulu (Lukka 24:50-52; Ebikolwa bya batume 1:11), si kutwalibwa mu ggulu okwa Malyamu.

O'kubatizibwa

Bino ebigoberera ebituufu bisigala nga ge mazima: we wataba kubikulirwa kwa bwa Katonda, awo tewabeerawo kwannjula eby'omu Baibuli, ekivamu okukubaganya ebirowozo n'okuvunuula. Ekyo kye kiri ku masomo ga Baibuli gonna, wadde n'okubatizibwa kw'amazzi. Lwaki okubatizibwa okuvira ddala mu kyassa ky'okuna tekukolebwa nga bwe kwakolebwanga ne Peetero mu Yerusalem (Ebikolwa by'abatume 2:38), ne Firipo mu Samaliya (Ebikolwa by'abatume 8:16), era ne Pawulo mu Efeso (Ebikolwa by'atume 19:5)? Kubanga bajjajja be kkanisa tebateggeera nti kiri eri linnya, omuli obulokozi bwa

Katonda (Ebikolwa by'abatume 4:11), mu eryo abakkiriza mmwe bali batizibwa. Kubanga obutagtegera Katonda kyali, ekilagiro ky'okubatizibwa ekya tuweebwa ne Mukama waffe mu Matayo 28:19 nakyo kyaafuusibwa mu nzikkiriza y'obussatu era ne mu bikolwa ekitalina mu kyenkomeredde kyakukola n'okutegeeza okwasooka naye nga bi kya kolebwa okutuusa ne leero.

Okubatizibwa kwa Baibuli kulugamizibwa n'okubuulira ekigambo, kubanga okukkirizza kuva mu kuwulirisa ekigambo kya Katonda (Ebikolwa by'abatume 2; Abaruumi 10:16-17; nebilala). Bw'atyo Mukama bwe ya kilagira mu kutumibwa okunene:

"N'abagamba nti mu nsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna. Akkiriza n'abatizibwa alirokoka..." (Makko 16:15-17). Buli abatizibwa akakasibwa okuba omukkiriza okufuna okusonyiwibwa okwe bibi bye.

Embeera embi eye byafayo bye kkanisa kulaze nti okutumibwa kwennyini **okw'asooka** okunene mu Matayo 28:19 kwa wandikibwa bw'ekuti: "**Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lyange** (onto onomatimou), **nga mu bayigiriza okukwata byonna bye nabalagira mmwe...**" bw'ekityo bwe kyawandiikibwa mu bigambo ebisembayo wansi ku kiwandiko ekya "Novum Testamentum Graece Et Germanice" kya wandikiibwa ne Nestle-Aland, 1973 we kya fuluumizibwa. Ekitabo ekimanyiddwa ensi yonna, "mu linnya lya Kitaffe, era n'omwana, era n'omwoyo omutukuvu" ekyo kye kisinga okukozesebwa mu makanisa gonna ku bikolwa byonna ebimanyiddwa eby'emikolo, Tekisangibwa mu biwandiiko eby'asooka. Okwo kwe kumaliriza kw'okunonyereza okubi okwa Baibuli. Mu ku kyusa kwa Martin Luther, kyogera wansi we kiwandiko eri Matayo 28:19 "**Ewigambo ekituufu ekyayogerwa kye "Kale mugende, era mufuule amawanga gonna, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe, era n'omwana era n'omwoyo omutukuvu..."** Nga tetunabatiza okuyingira mu linnya, mmwe eryo Katonda mwennyini lye ya tegerebwamu nga Kitaffe mu mwana n'omwoyo omutukuvu, kirin'okubikkulirwa eri ffe mu lulimi olusinga okukozesebwa olwakyusaibwamu Baibuli mu lu Germany bw'ekityo kyogera nti: Nga mu babatiza mu linnya ..." ebyo byennyini abatume bye bakola. Mu Baibuli, enkola y'obussatu tekozesebwa akaseera n'akamu, mu mazima, si na mulundi n'ogumu tusanga kino nga kikakasiddwa mu luyonnani-Germany "Interlinear-Translation:"

οὐρανῷ καὶ ἐπὶ τῷ γῆς 19 παρεστέντες δὲν μαθητεύοντες πάντα τὸ
 Ήμέρη βασιλίουντος εἰς τὸ ὄντα τοῦ πατρὸς καὶ τοῦ νιοῦ καὶ
 Βόλτη, **tauend sie auf den Namen** des Vaters und des Sohnes und
 τοῦ ἄγιου πνεύματος 20 διδάσκοντες αἵτοις τοῖχον πάντα δου
 des heiligen Geistes, **lehrend sie,** zu halten alles, was

Peetero teyawa kunyonyola kuwanvu okukwata ku kubatizibwa mu kubuulira kwe okwasooka mu lunaku lw'okutandika ekkanisa y'endagaano empya: kyali kilambulukufu eri ye nga mwennyini eyawulira ekigambo ekyanamaddala okuva eri Mukama we, e'ngeri y'ennyini okubatizibwa bwe kuli n'okukolebwa. Bw'atyo bwe yakola okusinzira ku kutumibwa okunene okw'omununuzi eyazuukira n'alagira abakkiriza bona **okubatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo** (Ebikolwa by'abatume 2:37-41).

Ku kakisa akadirira, nate ya buulira okusonyiwa:"Oyo bannabbi bona bamulangako nga Buli amukkiriza aggibwako ebibi olw'erinnya lye." (Ebikolwa by'abatume 10:43) era buterevu n'okubatizibwa: "Omuntu ayinza okugaana amazzi bano okubatizibwa, bano abaweededwa Omwoyo Omutukuvu nga ffe? (v. 47). "**N'alagira babatizibwe okuyingira mu linnya lya Yesu Kristo.**" (Ebikolwa by'abatume 10:48). Oluvannyuma lw'okubuulira kwa Pawulo, n'abayigirizwa ba Yokaana Omubatiza aya kkiriza mu Yesu Kristo babatizibwa nate: "**Bwe baawulira ne babatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu.** Pawulo bwe **yabassaako emikono Omwoyo Omutukuvu n'ajja ku bo, ne boogera ennimi ne balagula."**

 (Ebikolwa by'abatume 19:5-6). Abatume era ne Buli muntu yenna mu bukristayo obw'edda yategera nti kiri eri erinnya, mu linnya nga mmwe muli obulokozi bwa Katonda, erinnya abakkiriza mmwe bali batizibwa.

Okukkiriza, okubatizibwa kwa mazzi, era okubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu kuli wamu. Mu kubatizibwa kwa mazzi omukkiriza yenanya ebibi bye n'asalawo okukkiriza Kristo, era mu kubatizibwa kw'Omwoyo Katonda akakasibwa mwennyini eri omukkiriza. "**Kubanga mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu, obva bayudaaya oba bayonaani, oba baddu oba ba ddembe; fenna ne tunywesebwa mu Mwoyo omu.**" (1 Abakkolinso 12:13).

Ebyafayo bye kkanisa y'ensi awamu nga bwe fanana ejulira nti okuva ku bukristayo obw'edda okutuusa ku kyassa eky'okussatu,

okubatizibwa kwa kolebwanga mu linnya lya Mukama Yesu Kristo lyokka era na kino nga banyikibwa omulundi gumu gwokka. Ng'ayogera eri abakkiriza mu Roma, omutume yawandika: "**Oba** nga temumanyi nga ffe fenna, **abaabatizibwa okuyingira mu Kristo Yesu**, nga twabatizibwa okuyingira mu kufa kwe? **Kyetuva tuziikibwa awamu naye mu kubatizibwa okuyingira mu kufa**: (Ekyokulabirako nga banyikibwa [baptisimo]), **nga Kristo bwe yazuukizibwa mu bafu olw'ekitiibwa kya kitaawe, bwe tutyo naffe tutambulirenga mu bulamu obuggyga.**" (Abaruumi 6:3-4). "**Bwe mwaziikibwa awamu naye mu kubatizibwa ...**" (Abakkolisaayi 2:12).

Mu bikolwa by'abatume 8:38 ba tu ggamba: "**N'ala** **gira eggaali okuyimirira: ne bakka bombi mu mazzi. Firipo n'omulaawe; n'amubatiza.**" bw'atyo ne Yokaana omubatiza bwe yabatizanga mu muga Yoludaani (si kumpi n'omuga Yoludaani): "**Awo Yesu, bwe yamala okubatizibwa, amangu ago n'ava mu mazzi: laba, eggulu ne limubikkukira n'alaba Omwoyo gwa Katonda ng'akka ng'ejjiba, ng'ajja ku ye ...**" (Matayo 3:16).

Mu mwaka 337, Emperor Constatine bwe yali nga ali kumpi okufa ku kitanda kye eky'okufa mu kifo ekimanyiddwa nga Ankyron, Omulabirizi Eusebius yamansira otuzzi ku bwennyi bwe emirundi essatu ng'addamu okwogera e'nkola ey'obussatu. Okwo kwali kubatizibwa? Okuyita mu kikolwa kino, Constantine awo nti yafuuka omukristayo, newakubadde ya sinzanga katonda njuba wadde n'okutuusa ku kufa kwe. E'ngeri y'obussatu ya yongerwako ne bajjajja be kkanisa ab'omwoyo abazibe mu biseera by'okugunjawo enjigiriza y'obussatu. E'ngeri y'obussatu kwali kw'ogerako okutukiridde okw'enjigiriza ey'obussatu eya gunjibwawo ery'oke esobole okukola. Buno bwe "Bolombolombo bw'abaruumi obw'okubatizibwa."

Singa bajjajja be kkanisa mu kyassa ky'okussatu ne ky'okuna era mu byonna abasomi b'enzikkiriza bona bandikoze ekilagiro ky'okubatizibwa nga Peetero bwe ya kikola ku lunaku lw'abapentakoti (Ebikolwa by'abatume 2) era nate ne Pawulo (Ebikolwa by'abatume 19:5), n'awo tewndibadde n'abutakwatagana n'akyo mu byonna. Naye, tewali n'omu ku bajjajja be kkanisa eyasobola okuwa obumalirivu mu kufuusa abanti eri Kristo oba obumanyirivu bwa mazima obw'obulokozi, buleke bwokka okutumibwa kw'obwa Katonda.

Mu Baibuli, Tusanga oba ejigiriza y'obussatu ey'abantu abassatu

abataggwaawo oba okubatizibwa mu n'geri y'obussatu. Tewali kyawandiikibwa ne kimu mu ekyo tewali kikolwa wadde ne kimu eky'akolebwa mu n'geri "mu linnya lya Kitaffe era n'omwana era n'eryomwoyo omutukuvu" – **si ne kimu!** Buli kusaaba, mu butuufu, Buli kintu ky'akolebwa mu linnya lya Mukama, kubanga ekyo kye kyali ekilagiro eky'aweebwa eri abakkiriza mu Bakkolosaayi 3:17: "**Era Buli kye munakolanga, mu Kigambo oba mu kikolwa, mu kolerenga byonna mu linnya lya Mukama waffe Yesu ...**"

E'ngeri y'obussatu ekozesebwa mu ma kkanisa gonna ku lw'ebikolwa byonna eby'enzikkiriza oba mukolo, ebyo ebirimu byonna e'ntegeka era awasulibwamu, wadde ne misomo gye byawandiikibwa, era ne byonna ebilala ebingi okuyita mu by'okusama ku bintu binji eby'enzikkiriza. Si kya byawandiikibwa; n'olw'ekyo kisobola kuba nga si kya Baibuli kyokka. Si kya bwa Katonda eky'asooka; n'olw'ekyo, kusikirizibwa kwa bulimba era kulimbibwa. Buli muntu alina okukilowoozako, n'abo abakola eby'okusikiriza abakozesa erinnya "Yesu Kristo" mu kusaabira abalwadde naye nga bagaana okubatizibwa mu linnya lya Mukama Yesu Kristo.

Naye, ba kristo b'obulimba ne bannabbi b'obulimba bali n'okulabika kulwe'kyo Mwkama waffe kye yayogerako kisobole okutuukirizibwa: "*Bangi abaligamba ku lunaku luli nti Mukama waffe, Mukama waffe, tetwalagulanga mu linnya lyo, tetwagobanga dayimooni mu linnya lyo, tetwakolanga bya magero bingi mu linnya lyo? Ne ndyoka mbaatalira nti sibamanyangako mmwe: muve wendi mmwena abakola eby'obujeemu.*" (Matayo 7:22-23).

Ani asobola okutegeera kyonna mu bujuvu nti mu bukristayo bwonna tewali bulambulukufu ku kuyigiriza kwo Bulamba bwa Katonda, okubatizibwa, era ne ky'egulo kya Mukama, newakubadde nga byawandiikibwa burungi mu Baibuli? Kino kye kyokka kubanga abantu tebaasigala mu jigiriza ya Kristo era n'abatume. Mu kwewunya, okubikkulirwa okw'asooka, nga bwe kwaweebwa eri abatume kwabuzibwa edda mu byassa by'obukristayo eby'asooka. Ebirowoozo by'obufuzi n'ezikkiriza by'agattibwa wamu mu bukristayo ne bajajja be kkanisa.

Omusomi w'enzikkiriza amanyiddwa-obulungi Hans Kung yamala esomo lino ery'omugaso mu kitabo kye Das Christentum (Abantu abali wansi w'obukristayo), ekirimu empapula ezisuuka olukumi. Ku lupapula 126 ya buuza ekibuuzo: "**Waliwo ko we kya yogerwa ku bussatu mu ndagaano empya?**" mu kaseera kennyini awo

oluvannyuma n'awandika: "**Tewali Jigiriza ya Bussatu mu Ndagaano Empya**" Naye akubaganya ebirowoozo ku "Comma Johanneum": "Kubanga waliwo bassatu abawa obujulizi mu ggulu, Kitaffe, Ekigambo, era n'Omwoyo Omutukuvu: era bino ebissatu biri Omu." Kung anyonyola: "**Naye, okunonyereza kwe byafayo-okwekalirifu kulaze nga ekiwandiko kino kya tekebwawo mu bukyamu ekya tandikibwa mu kyassa ky'okussatu oba eky'okuna mu mambuka ga Afrika oba mu Spain.** Tekyali kya mugaso ku bitongole bya baruumi ebyali n'obuyinza nga bwe kyagezako okutekawo akabega eri ekiwandiko kino ng'okuba eky'obuyinza wadde ku lubereberye lwe kyassa kyaffe. Mu bigambo by'olwatu, tekirina kye kitegeeza okusinga kino: mu bukristayo bwa judeo, mu butuufu, mu ndagaano empya yonna, waliwo ddala okukkiriza mu Katonda, Kitaffe; mu Yesu, ne mu mwana; era ne mu mwoyo omutukuvu owa Katonda, naye tewaliwo jigiriza ya ba katonda abantu abassatu (e'ngeri zo kubaawo), tewali jigiriza ey'aba katonda abassatu oba ey'obussatu." (olupapula:126-127).

Emmere ya Mukama waffe

abantu abalina enzikkiriza etakwatagana n'aya Katonta bateekamu ebirowoozo byabwe n'abyo ne bigobeerera mu majaguza ge mmera ya Mukama. N'olw'ekyo si kya kwekanga nti bino ebiriwo obutabanguko bw'okusomesa eby'enzikkiriza ku soma lino ba bitandika edda, mu biseera era n'oluvannyuma lwe biseera by'okulongoosa.

Mu kusobola okutegera ekituufu ekikwata ku mmere ya Mukama waffe, omu ali n'okusoma ebyawandiikibwa ebikwata kw'ekyo. Abakristayo abedda ba yita emmere ya Mukama waffe mu bugonvu "okumenya omugaati." n'abo ba kungaana kulwe kigendererwa kino mu makka ga Buli muntu (Ebikolwa by'abatume 2:42-47; Ebikolwa by'abatume 20:7). Yali ku mbaga y'Okuyitako Mukama waffe bwe ya yannjula emmere (Yokaana 13; Matayo 26; Makko 14). Mu kuva 12, Mukama Katonda bwe yawa ebyokulabirako ku mbaga esooka ey'okuyitako, ya yayita abantu ba Isiraeri "kkanisa" (Ecclesia = aba yitibwa) omulundi ogusooka. Okusooka, endiga yalina okusooka okuweebwayo era omusaayi ogwayuwibwa gwalino kuteekebwa ku milyango zaabwe kulwo bukumi bwabwe: "**Awo omusaayi gulibabeerera akabonero ku nnyumba ze mulimu: nange bwe ndilaba omusaayi, ndibayitako ...**" (Okuva 12:13). Ennyama

y'endiga ya teekebwateekebwa n'eribwa awamu nga temulii mu kizimbulukusa. Pawulo yalaga kino mu 1 Abakkolinso 5:7, bwe yawandika: "Mujeemu ekizimbulukusa eky'edda, mulyoke mubeere ekitole ekiggya nga temulii mu kizimbulukusa. **Kubanga era n'okuyitako kwaffe kwattibwa, ye Kristo ..."**

Mu Yokaana 6 tusanga olugero olw'enjawulo Mukama we ya tekawo akabonero k'emmere eri ye mwennyini: "**Nze mmere ey'obulamu ... nze mmere ey'amazima eva mu ggulu** (okusooka ye mmere, nate gyigaba), **omuntu bw'alya ku mmere eno aliba mulamu emirembe n'emirembe emmere gy'endigaba gwe mubiri gwange, olw'obulamu bw'ensi ... bwe mutalya mubiri gwa Mwana wa muntu ne munywa omusaayi gwe, temulina bulamu mu mmwe. ... alya omubiri gwange, era anywa omusaayi gwange, alina obulamu obutaggwaawo.**"

Mu Matayo 26 abayigirizwa ba buuza, "**Oyagala tuteekereteekere wa okuyitako gy'onookuliira?**" (vv. 17-19). "Era baali bakyalya, Yesu n'atoola omugaatti, neyeebaza, n'agumenyamu; n'awa abayigirizwa, n'agamba nti mutoole, mulye; guno gwe mubiri gwange." (v. 26). nate kijja akanyiri ka 27: "N'atoola ekikompe, neyeebaza, n'abawa, ng'agamba nti munywe ku kino mmwena." nate yekka n'agamba, "**Kubanga kino gwe musaayi gwange ogw'endagaano oguyiika ku lw'abangi ol'wokuggyawo ebibi.**" (bilabe ne mu: Makko 14:24-25). Omugaati gw'alibwa; envinnyo n'enywewba. Mu kulaga envinnyo mu kikopo, Omununuzi waffe n'agamba, "**Naye mbagamba nti sirinywa n'akatono kusooka leero ku guno ogubala ku muzabbibu, okutuusa ku lunaku luli lw'endigunywa omuggya awamu n'ammwe mu bwa Kabaka bwa Kitange.**" (Matayo 26:29).

Omununuzi yayuwa omusaayi gwe era bw'atyo yatusonyiwa ebibi byaffe era n'okutabagana ne Katonda. **Omugaati n'envinnyo tebisobola era tebyagala ku kyusibwa; kristo tasobola era talina kutiibwa nate; yakikola lumu kulwa byonna.** Okusinzira ku ntegeka y'obwa Katonda ey'obulokozi, "... *naye olw'omusaayi gwe ye, nayingirira ddala omulundi ogumu mu watukuvu, bwe yamala okufuna okununula okutaggwaawo.*" (Abaebbulaniya 9:12). Amiina.

Eky'okulabirako ekikulu kyawandiikibwa dda mu Eby'Abaleevi 17:11: "**Kubanga obulamu bwe nnyama buba mu musaayi ...**" mu musaayi gw'omununuzi mwalimu obulamu bwa Katonda,

obutaggwaawo. Era ne mwabo bona abanunulibwa n'omusaayi gw'Omwana wa Katonda era n'ebazaalibwa omulundi ogw'okubiri okuyita mu Kigambo n'Omwoyo (Yokaana 3:3; Yakobo 1:18; 1 Peetero 1:23), mu bo mmwe muli obulamu bwe obumu obutaggwaawo obwali mu mwana wa Katonda (1 Yokaana 5:11-13). Pawulo yakiwandika mu n'geri nti kitegerekeka mu bugonvu eri Buli muntu yenna mu 1 Abakkolinso 10:16-17): "**Ekikompe eky'omukisa, kye tusabira omukisa, si kwe kusseekimu omusaayi gwa Kristo? Omugaati gwe tumenyaamenya si kwe kusseekimu omubiri gwa Kristo?** Kubanga ffe abangi tuli mugaati gumu, omubiri gumu: **kubanga fenna tugabana omugaati gumu.**"

Mu 1 Abakkolinso 11:23-34 omutume ya wandika: "**Kubanga Buli bwe munaalyanga ku mugaati guno, ne lwe munaanywanga ku kikompe, munaayolessanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alija. Kyanaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe Buli anaalyanga ku mugaati oba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tassanidde, omusango gwe ye bwatayawula mubiri.**" (vv. 26-27) Okujaguza kwe mmere ya Mukama waffe bye biseera by'okutuuka kuntiko mu kusinza. Buli muntu yenna eyekebeja mwennyini eri Katonda n'asaba okusonyiwiba. Mu bumalirivu Okusaba n'okwewayo emmere ya Mukama waffe ejaguzibwa mu kujukkira omubiri gwe nga ekiwebwayo era olw'omusaayi gwe omutukuvu, gwe yayuwa ku lw'affe. Omugaati, ogukolebwa omutali kizimbulukusa, guwebwa omukisa n'okusaba era negumenyebwa mu lukungana ne guweebwa; ekikompe bw'ekityo n'akyo kiwebwa omukisa n'okusaba ne kiweebwa Buli muntu yenna. Bw'ekityo bwe kya kolebwa n'abakristayo abasooka era bw'ekityo bwe kya lekebwa eri ekkanisa y'endagaano empya.

Tuddeyo ku Kigambo – Tuddeyo Kulubereberyé

"Naye ekigambo kya Mukama kibeerera emirembe n'emirembe. Era ekyo kye Kigambo ky'enjiri eky'abajulirwa." (1 Peetero 15:2)

Oluvannyuma lwe byassa mu biseera nga ekkanisa ye ggwanga yawkata ekitala ky'ensi era n'amanyi g'omwoyo aga kin'omu era n'amawanga gonna, okuzibwa obujja era n'okukomawo eri Baibul kyali ku kasitaze akawukanya ensi ne ggulu er enkomerero y'omulembe gwa wakati ogw'aliwo okuva mu kyassa kyo 5 okutuusa

mu kye 15.

Mu kuzibwa okuja kwonna nga tekunaba era n'oluvannyuma lwo kulongoosa, abakkiriza ba Baibuli bava mu kkanisa ye ggwanga ne bayiganyizibwa nayo. John Wycliffe (1321-1384), eya kyusa Vulgate mu lulimi olungereza, yategeera amakulu ge Kigambo era neyenanya mulujuddde, "**N g a d d a l a b w e k i n e t a g i s a , k y o k k a e k y a w a n d i i k i b w a m u B a i b u l i k y e k i t u u f u !**" yawakanya ekifo ky'o bwa Papa n'langirirwa okuba omuntu atakiriziganya na bulombolombo bw'enzikkiriza e'zagunjibwawo waddenga oluvannyuma lwe myaka 30 ng'amazze okufa. Ne John Hus (1370-1415) ya buulira okuva mu Baibuli oluvannyuma ng'amaze okufuna okutangazibwa n'asalawo okuwakanya byonna ebigambibwa-eby'obwa Papa. Ku ye, Baibuli yafuuka obuyinza bwokka obwe bibuuzo byonna eby'okukkiriza. Bw'atyo bwe ytawandika mu kiwandiko kye mu Yokaana 8:31-32: "**Munoonye amazima, muwulire amazima, muyige amazima, mwagale amazima, yogera amazima, mubeere n'amazima, era mu wagire amazima okutuusa okufa!**" Mu gw'omusantu nga 6, 1415, oluvannyuma ng'asaliddwa ogw'okufa n'okuteesa kwa Constance, yawayo ememe ye eri omununuzi we Yesu Kristo nga bwe yayimirira wakati webyo ebyayimirizibwa, ebyamusibibwako, mu byonna ng'asaba Katonda okusonyiwa abalabe ba mazima.

Martin Luther yawakanya okukiriziganya ne by'okutunda okusonyiwibwa era n'abuulira okwenenya era n'okujibwako omusango okuyita mu kukkiriza. Bw'ekityo mu waka 1520, ya fuulumya ekiwandiko ekilimu okukubaganya ebirowoozo ku bituufu "Obuwambe bwa babulooni obw'ekkanisa" ya tambuza kye yali akkiriza nti si kamanyiso ko kukkiriza konna ake kkanisa naye kukkiriza Kristo kwokka kwe kukulembra ku bulokozi. Bw'atyo yali ye kwata kwe kyo, "Sola scriptura" – ebyawandiikibwa byokka! Ku nkomerero y'okwogera kwe mu kifo ekiyitibwa Imperial Diet of Worms mu gw'okuna nga 18, 1521, Martin Luther yayogera ebigambo bino ebimanyiddwa ennyo: "**O k u g g y a k o n g a n s i k i r i z i d d w a n'obujulizi obwe byawandiikibwa o b a n e s o n g a e n t u u f u (k u b a n g a n z e s e s i g a P a p a o b a m u k u t e e s a k w o k k a , n g a b w e k i m a n y i d d w a b u l u n g i n t i b a s o b y a e r a b a b u z a b u z i b w a b e n n y i n i) , n a s i b i b w a n e b y a w a n d i i k i b w a b y e n a n o g o l a e r a n'okutegeera kwange kuwambe ne Kigambo kya Katonda. S i s o b o l a e r a s i r i g y a k o k i n t u k y o n n a , k u b a n g a s i o b a k i l u n g i o b a k i t u u f u o k u w a k a n y a o k u t e g e e r a k w a n g e .**" Katonda asobole

okunyambe. Amiina. Ku ntiko y'obutakkiriziganya mu by'omwoyo, omulongoosi yelaga mwennyini ng'akammwa ka Katonda okuwakanya papa era ne kkanisa.

Mu switzerland, okulongoosa, kwa funa obuwanguzi mu 1531 okuyita mu Huldrych Zwingli mu Zurich; Yokaana Calvin ya kiwagira okuyitamu mu Geneva mu 1536. Bo n'abala bangi bali ne kitundu kye bakola eri okulongoosebwa kwa baprotestanti mu bulaya yonna mu biseera ebyo. Abantu abaali bafuuka abakkiriza, abaali batekebwako akamanyiso nti "bawukana mu ndowooza ku bulombolombo obwateekebwawo n'enzikkiriza" n'amakkanisa aga gunjibwawo, bajja awamu buli wantu okusaba. Amakungganiro agajja okubaawo, nga mulimu Anabaptist, ba yitibwa "sects" era ne bayiganyizibwa.

Naye okulongoosebwa kwali tekusobola kudda mabega mu n'geri yonna, era ne byawandiikibwa ebitukuvu bya bikulwa ne bilangirirwa nnyo mu buziba ne mu bulambulukufu mu biseera by'okulongoosa okwajja mu byassa ebyadako. Ababuulizi abalongoosa nga Earl Zinzendorf ku lwe kkanisa ya Moravian, John wesley ku lwa ba Methodists, John smith ku lwa Baptists, Menno simon ku lwa Mennonites, William Booth ku lwa Salvation Army, era n'abala bangi bajja ne balabibwa. Abababuulizi bona aba mazima ga Baibuli baali mu kukiriziganya bwe batuukanga ku kitibwa kya Kabona omukulu owa Kristo. Ey'egulumiza mwennyini okusinga yenna ayitibwa Katonda oba asinzibwa, oyo Pawulo gya yita omwana w'okuzikirira (2 Abasessaloniika 2). Batekawo esira nti Ekigambo kya Katonda tekyogera oba ku "vicar of Christ" (Vicarius Filii Dei) oba eya "sikira Peetero," era n'abo ba tekawo esira enene ku Mukama waffe kye yayogera mu Matayo 23:9: "Era temuyitanga muntu ku nsi kitammwe(muleke yekka "Kitaffe Omutukuvu"): **kubanga Kitammwe ali omu, ali mu ggulu.**"

Omuntu omulala alina oku kyogerako

Kimanyiddwa nti e'nzikkiriza zifuga amawanga gonna era n'ensi: Wano bantu abali wansi w'enzikkiriza ; waliwo obuyisiramu; awalala waliwo Hinduism oba Buddhism. Bw'ekityo amaserengeta ge bulaya okuva mu Italy okutuuka mu Spain era Portugal ejuddemu buCatholic, Naye amambuka okutuuka mu Sweden, Norway ne Finland ejuddemu kusingira ddala baprotestanti. Nga tutunulira mu mambuka ga Amerika, ne USA ne Canada n'abo ennyo ba sikirizibwa okusingira ddala n'obuprotestanti, naye amawanga

g'omumaserengeta ne mu makati ga Amerika ga butikibwa obuCatholic. Mu buyindi okusingira ddala Hinduism; mu mawanga aga singa aga makati ge buvanjuba gabutikiddwa n'obuyisiramu era mu buwarabu okusingira ddala Buddhism. Enzikkiriza zono zonna kye zirina mu kufaanana bye bisuubizo ebitali mu Kigambo kya Katonda era ekitasobola kuleta bumu naye. N'olw'ekyo kiri n'okukolebwa mu bungi ga kilambulukufu: **Obulokozi bwa Katonda tebuli mu n'zikkiriza yonna oba kkanisa naye mu Yesu Kristo yekka.** Ebisuubizo by'omuntu byonna eby'omu ggulu era ne by'olusuku lwa Katonda tekirina kyakukola ne Katonda. Waliwo omu yekka, ekyokulabirako Omununuzi mwennyini, ya ggamba "**Yesu n'amugamba nti mazima kugamba nti leero on'aba nange mu lusuku lwa Katonda**" (Lukka 23:43)

Si emu ku zino ezityiibwa ekkanisa zo bukristayo, Si ba Catholic, oba aba Orthodox, oba aba Anglican, oba aba Lutheran, oba aba Calvinist, era si ne ba Coptic oba eddala zonna, ye kkanisa eyatekebwawo ne Kristo, Omununuzi. Papa, ekyokulabirako, kituufu ye mutwe gwe kkanisa ya bacatholic, era ne patriarch ye mukulembeze wre kkanisa ya ba Orthodox, naye si ye mutwe gwa kkanisa ya Yesu Kristo. Omulabirizi omukulu mu butuufu ye mutwe gw'omwoyo ogw'ekkanisa ya ba Anglican naye si mutwe gwe kkanisa ya Yesu Kristo. Kino kigenda eri amaddini gonna ag'obukristayo nti okugyako ejawukana zaabwe, abakyali baalina ekintu kimu kye bafaananya ne kkanisa ya Roma, ekyokulabirako "Nicene-Chalcedonian Creed" okusinzira ku mukutu gwe mitimbagano, okusoma eby'enzikkiriza ekyasooka okwetagibwa ku lw'okubeera mu b'enzikkiriza ya baporestanti abali omu ku kuteesa kwa ma kkanisa ge nsi yonna kye "**Okwatula okukkiriza mu katonda abassatu nga bwe kilagibwa mu Baibuli ne mu kuteesa kwa Nicene-Constantinopolitan Creed.**"

Naye ekyo si kwe kwatula okukkiriza okwo kukkiriza kwe kkanisa ya Katonda omulamu. Ekkiriza ya Yesu Kristo ekkiriza mu omu era Katonda yekka nga Baibuli bwe wa obujulizi ku Ye. Buli kiseera ye abeera n'abakkiriza ba Baibuli okuva mu nsi yonna, amawanga, ebikula bya bantu bonna, era n'ennimi. Mukama mwennyini n'agamba, "**Obwakabaka bwange si bwa nsi eno ...**" Ekkiriza ya Katonda omulamu si kkanisa-ekkakasibwa ne ggwanga naye ekola omubiri gwa Mukama, nga bwe kyawandiikibwa: "**Naye mmwe muli mubiri gwa Kristo, n'ebitundu byagwo, Buli muntu.**" (1 Abakkolinso 12:27). Mu kkanisa emu ey'amazima ey'omununuzi, **Yesu Kristo gwe Mutwe (Abaefeso 4:15), era ne**

Baibuli nga Ekigambo kya Katonda bwe buyinza bwokka.

Okukkiriza okutuufu

"... *atakkiriza Katonda nga amufudde mulimba ...*" (1 Yokaana 5:10).

"Kitalo: nedda, Katonda abeerenga wa mazima, naye Katonda abeerenga wa mazima, naye Buli muntu abeerenga mulimba nga bwe kyawandiikibwa nti obeere n'obutuukirivu mu bigambo byo, osinge bw'osalirwa omusango." (Abaruumi 3:4).

Ebigoberera bye by'ogerwa ku Ibulayimu: "*Nga Ibulayimu bwe yakkiriza Katonda, ne kumubalirwa okubeera obutuukirivu.*" (Abaruumi 4:3; Abaggalatiya 3:6). Ibulayimu ye kyokulabirako ekirungi eky'okukkiriza okutuufu: Okukkiriza okutuufu kusoboka kwokka nga Katonda ayogera eri buli omu ne buli muntu yenna okuyita mu Kigambo kye, obutakkiriza ku letebwa n'okukkiriza omulabe okubuuza ebyo Katonda bye ya yogera mu Kigambo kye. Okukkiriza n'o butakkiriza byonna bya tandikira mu lusuku lwa Katonda. Oluvannyuma nga Mukama Katonda ayogedde ne Adamu, Setaani yanweza Kawa mu kukubaganya ebirowoozo ku ebyo Katonda bye ya ggamba. Setaani bulijo atwala ebyo Katonda bya ggamba, asiga okubuuusabuusa, ayongerako, aggyako, abuzabuza, avunuula. Ebyavamu byali butakkiriza, obw'aleta obutawulira era ekyavamu kwali kulimbibwa mu kugwa. Setaani naye yatukirira Omununuzi waffe ng'alina kya ggamba: "Kyawandiikibwa ..." okwo kwe kukemebwa kwennyini. Okukemebwa, okulimbibwa, era n'okumenya amateeka gasoboka wokka nga ekigambo kya Katonda nga kiyitiibwa mu bibuuzo. Naye Mukama n'amuddamu, "*Bw'ekityo kyawandiikibwa...*" (Matayo 4:1-11; Makko 4:1-13). Kino n'akyo kisobola okuba ensoga yabasoma eby'enzikkiriza: esomo lisobola okuba lya Baibuli, naye ekigambibwa ku kyo kisobola oku nga si kituufu. Omuntu yenna bw'atwala ebyawandiikibwa n'alagayo okubuuusabuusa, awo aba mulabe ayagala oku kyikyusa mu kukemebwa, eki kulembra ku kugwa. Abaana ba Katonda aba mazima bulijo batwala ebyawandiikibwa ebigoberera eby'esomo ekibajirayo esomo bulungi.

Okusooka n'okujja okw'okubiri okwa Kristo biri kitundu ku ntegeka y'obulokozi

Mu kujja okw'asooka okwa Kristo, Obunnabbi okuva mu Malaki 3:1 kwatukirizibwa n'obuweereza bwa Yokaana Omubatiza: "**Laba, ntuma omubaka wange, naye alirongoosa ekubo mu maaso gange ...**" (Matayo 11:10; Lukka 7:27). Kino kye kisuubizo ekisanga okutukirizibwa nga okukomawo kwa Kristo te kunatuuka: "**Laba, ndibatumira Eriya nnabbi olunaku olukulu olw'entiisa olwa Mukama nga terunnaba kutuuka ...**" (Malaki 4:5). Kya kakasibwa ne Mukama waffe n'obuweereza bwa Yokaana Omubatiza: "**N'addamu n'agamba nti Eriya ajja ddala, alirongoosa byonna.**" (Matayo 17:11). Mu Makko 9:12 Mukama waffe ya kikakasa nate "**N'agamba nti Eriya yasooka okujja n'alongoosa byonna ...**"

"Okukomawo kwa Yesu Kristo" kya yogerwa emirundi minji mu Ndagaano Empya. Okuva mu lubereberye, okusuubira kw'okukomawo kwe ye yali esomo ekulu eya wakati eya bakkiriza bona. Okusuubira kuno kusinzira ku kisuubizo ekyo ye mwennyini kye yawa: "**Era oba nga ngenda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate ne batwala gy'endi; Nze gye ndi nammwe mubeere eyo.**" (Yokaana 14:3).

Abayigirizwa bwe babuuza ku bubonero bw'okukomawo kwe n'obwo obw'enkomerero y'ensi (Matayo 24:3), Mukama ya baddamu ne bigambo bino ebigoberera: "... **N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, okuba omujulirwa mu mawanga gonna; awo enkomerero n'elyoka ejja.**" (v. 14). Tekibangawoko ekiseera enjiri wetuuse mu byalo byennyini eby'ensi okuyita ku mitimbagano gy'omulembe nga bwe kikola kaakano. Ekilubirirwa kyo kulangirira ok'wnjiri enzijuvu kiri nti abakkiriza ba teekebwateekebwa olwo kukomawo kwa Yesu Kristo, bw'ekityo kyawandikibwa: "... **N'abo abaali beteeseteese n'ebayingira naye mu mbaga ey'obugole: olugi ne luggalwawo.**" (Matayo 25:10).

Okukomawo kwa Kristo rye lyali esomo ekulu eryo kulangirira mu biseera by'abatume era bwe bikyali ne mu biro byaffe. Mu bbaluwa ey'asooka eri abasasseloniika, omutume yawandiika: "**Kubanga esuubi lyaffe ki oba ssanyu oba ngule ey'okwenyumiriza? Bwe mutaba mmwe mu maaso ga Mukama waffe Yesu mu kujja kwe?**" (1 Abasasseloniika 2:19). Omutume Pawulo nga akomenkereza obujulizi bwe ne bigambo: "**Ekisigaddeyo, enterekeddwa engule**

ey'obutuukirivu Mukama waffe gy'alimpeera ku lunaku luli, asala emisango egy'ensonga: so si nze nzekka, naye era ne bona abagala okulabika kwe." (2 Timoseewo 4:8).

Kaakano, nga tusemberedde nnyo okukomawo kwa Kristo, Bonna abali ekitundu ku kkanisa ya Mukama bali n'okuba n'obumanyirivu bwe bumu nga abakkiriza abedda mu lubereberye era biri n'okuzibwayo mu kusooka ebyawandiikibwa bwe bigamba mu maaso ga Katonda. Bw'atyo omutume Peetero bwe ya byogerako emabega ng'alaga Kristo era n'abakkiriza: "**Eyagwanyizibwa okutwalibwa mu ggulu okutuusa mu biro eby'okulongoosezaamu byonna, Katonda bye yayogereranga mu kammwa ka bannabbi be abatukuvu abaaliwo okuva ku lubereberye.**" (Ebikolwa by'abatume 3:21). Nga Kristo tana komawo, Buli kintu mu kkanisa ya Katonda omulamu kiri n'okuba nga bwe kyali mu lubereberye; okusooka n'okubuulira okusembayo, okusooka n'okubatizibwa okusembayo, Buli jigiriza yonna era n'ebikolwa biri n'okuba mu kussa ekimu n'ebyo eby'asooka. Enjiri y'emu, okukkiriza kumu, okubatizibwa kumu kaakano bibuulirwa ensi yonna, era n'abo bona abakkiriza ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba ba manyirira okusonyiwibwa ebibi byabwe era babatizibwa okuyingira mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo era bafuna okubatizibwa n'omwoyo omutukuvu nga bwe kyali mu lubereberye. **Eno ye yokka e'ngeri entuufu eya Baibuli era n'abatume** (Ebikolwa by'abatume 2:38-39; Ebikolwa by'abatume 8:14-17; Ebikolwa by'abatume 10:43-48; Ebikolwa by'abatume 19:5-6), ekyo kye kibalibwa mu maaso ga Katonda okuba eky'amazima okutuusa ku nkomerero.

Bino tebirina ku kumibwa nga bya kyama

"Dala ddala mbagamba nti buli asembeza bu,i gwe ntuma, ng'asembezza nze: era asembeza nze, ng'asembezzza oli eyantuma." (Yokaana 13:20).

Nga Katonda mwennyini bwe yayita n'atuma Ibulayimu, Musa era ne bannabbi bw'atyo bwe yatuma Yokaana Omubatiza, era bw'atyo Ye mwennyini yatuma Pawulo, era yabesiga n'okutumibwa okw'enjawulo ekyali ekitundu ku ntegeka y'obulokozi eri ekkanisa yonna. Katonda y'omu yatekawo ekisuubizo nti aija kutuma **nnabbi nga Eriya** ng'olunaku lwo bulokozi te lunatuuka ku nkomerero era n'olunaku lwa Mukama lutandike (Malaki 4:5-6). Ekisuubizo kino ku lwe biro

ebisembayo eby'ekisa, ebyo bye biro bye tulimu kaakano, nga enjuba tenafuuka kizikiza era nga omwezi tegunafuuka musaayi (Yoweeri 2:31; Ebikolwa by'abatume 2:20; Okubikkulirwa 6:12), kutuuse mu kutukirizibwa. Mu gw'omukaaga nga 11, 1933, oluvannyuma okubuulira mu Jeffersonville, Indiana, USA, Omubuliza omu Baptist William M. Branham yaali abatiza abantu 300 abakkiriza abapya mu muga Ohio ekinti eky'amaanyi bwe kyawulirwa: Ku sawa nga 2 p.m., bwe yaali ali kumpi okubatiza omuntu we 17 ekitangala ky'obwa Katonda kyakka wansi, ekyalabibwa n'abantu abasuuka olukumi abaali bayimiridde ku mabali g'omuga, era ne kibeera waggulu w'omusajja wa Katonda. Nawo ebigambo bino ebigoberera bya wulilika nga byogerwa: "**Nga Yokaana Omubatiza bwe yatumibwa okuteekateeka okujja okw'asooka okwa Kristo, nawe obubbaka obukuweereddwa bwe buggyaa okuteekateeka okujja okw'okubiri okwa Kristo.**" Emikutu gya mawulire egyegattira awamu mu USA ne Canada yakiwandikako nga bwe byali. N'akyo wonna kimanyiddwa nti oluvannyuma lwa sematalo w'okubir, era okusingira ddala okuva mu gw'okutano 1946, William Branham yakozesebwwa ne Katonda okuleta okuyitamu mu nsi yonna okuwonyesebwa n'okuzibwa obuggyaa.

Okuyita mu buweereza obwa kakasibwa obwo musajja wa Katonda William Branham, Mukama mwennyini aziza abantu be ku mazima ga Baibuli ku Bulamba bwa Katonda, Okubatizibwa, emmere ya Mukama waffe, era ne jigiriza yonna. Okutesea kwonna okwa Katonda kwalangirirwa, era obubbaka bwennyini obwa Baibuli bwe bubuulirwa eri amawanga g'ensi zonna ku lwe biro by'okuyitibwa, okweyawula, era n'okweteekateeka okw'abakkiriza abatuufu ku olwo olunaku olwe kitibwa **olw'okukomawo kwa Mukama waffe Yesu Kristo** (Yokaana 14:1-3; 2Abakkoliso 6:14-18; 1 Abasasseloniika 4:13-18).

Eriya yaddiria amayinja kkumi n'abiri nga gakikirira ebika kkumi n'ebibiri bw'atyo n'azimba ekyoto kya Katonda ku lusozi Carmel era n'ayita abantu ba Katonda okusalawo (1 Bassekabaka 18:17-40); bw'ekityo, mu biro byaffe, mu biro ebisinga omugaso eby'etegeeka ey'obulokozi, ejigiriza ya batume kkumi n'ababiri yali ntandikwa mpya ku tabaaza, ekkanisa ya Yesu Kristo yazimbibwa ku musingi gwa batume, era **Buli muntu ayitiibwa okukola okusalawo: "Mulituusa wa okutta aga n'aga nga mulowooza wabiri? Mukama ova ye Katonda, mumugoberere: naye ova baali, kale mumugoberere ye."** (1 Bassekabaka 18:21).

Okulabula okusembayo

Leero, bona abasoma eby'enzikkiriza bamanyi nti Yokaana Omubatiza yaali nnabbi ey'asuubizibwa (Isaaya 40:3; Malaki 3:1) eyateekateeka ekubo lya Mukama naye eyagaanibwa n'abawandise: "**Na abafalisaayo n'abayigiriza b'amateeka ne beegaanira okuteesa kwa Katonda kubanga tebaabatizibwa ye.**" (Lukka 7:30). ekyo kye kyaliwo edda ekidibwamu ne kaakano? Mu Lukka 19 Omununuizi waffe yakabira Yerusalem n'agamba, "... **kubanga tewamanya biro bya kukyalirwa kwo.**" (v. 44). Abantu bwe bagaana okukkiriza okusinzira ku Baibuli era ne bagaana okubatizibwa okw'omu Baibuli, baba tebakkiriza, mu mazima, bagaana okuteesa kwa Katonda ne leero? Tekimala okusingira ddala okuddamu okusaba kwa Mukama waffe mu n'geri y'emu n'obuwangwa bw'enzikkiriza: "... Obwakabaka bwo bujje. Okwagala kwo kukolebwe..." Omu waba talina kigendererwa ky'okukola **okwagala kwa Katonda, okubikkurwa eri kin'omu mu Kigambo kya Katonda.**

Tetuli kulaba bw'ebiti nga bidingana mu biro byaffe, ku ebyo Mukama bye yayogerako edda: "Zibasanze mmwe, abayigiriza b'amateeka! **Kubanga mwatwala ekisumuluzo eky'okutegeera:** mmwe bennyini temwayingira, n'abaali bayingira mwabaziyiza." (Lukka 11:52)? Bonna tebali kuzimba bwakabaka bwabwe bennyini, ma kkanisa gaabwe bennyini? Bonna tebalina bigendererwa byabwe bennyini? Ate ku abo abava mu kulongoosa, n'abo abava mu ba pentekoti era abo abeyongera bennyini okulangirira enjiri yaabwe (Abaggalatiya 1:6-10)?

Ekkanisa y'ensi eri kukola nnyo n'obumalirivu nga elubirira okwegatta kw'enzikkiriza okwa maddinni gonna ag'obukristayo era, awamu e'nzikkiriza zonna wansi w'omukulembeze omu nga ye mutwe ng'afuga ensi n'obuyinza bwonna, nga basomoza yokaana 17: "nti bona babeere omu ..." Papa Francis vicariously ya buuza okusonyiwa abantu bona abalina okukkiriza okw'enjawulo mwennyini ekiseera ebimu ebyayita yali yayiganyizibwako ne kkanisa y'aba Catholic okuva ku ba waldensians okutuuka kwabo abali mu bupentakoti. Kituufu esira teririna nate kutekebwa ku bintu ebyawula naye kwebyo ebigatta, nga okwenenya okubagatta okwa ba "katonda abassatu." n'okulaga amatikira 500 agokuza obujja mu mwaka 2017, okwegatta kwe kkanisa kye kigendererwa eky'enkomeredde.

Kiki ekikwata ku kwegatta kwa abakkiriza bona aba Baibuli ne Katonda okuyita mu Yesu Kristo, Mukama waffe, nga Omutwe gwe kkanisa

Ani kw'abo alina obuvunanizibwa mu mirimu mungi eg'yobuweereza bw'obukristayo, era omubuulizi amanyiddwa ennyo ensi yonna ng'abuulira enjiri y'okukulankulaba , era n'obukadde bwa bawulirisa bali kwetegeka mu kujja kwa Kristo okunaatera okutuuka? Ekisomoza eri buli omu kuffe kyalina okuleta kiri; okudayo eri Katonda! Okudayo ku lubereberye, okudayo ku buli kigambo eky'emirembe gyonna ekyava mu Yerusalem! **Abali yimirira ku ludda lwa Katonda era ne bagoberera okulungamizibwa ekigambo kya Katonda era ne batatekawo ku gerageranya kwonna?**

Isaaya yalina okulangirira: "Ani akkiriza ebigambo byaffe? Era ani abikkuliddwa omukono gwa Mukama?" (Isaaya 53:1). Pawulo yali n'obumanyirivu: "Naye tebaagondera njiri bona. Kubanga Isaaya ayogera nti Mukama, ani eyakkiriza ekigambo kyaffe?" (Abaruumi 10:16). Ani asobola okukkiriza nga ebyawandiikibwa bwe bigamba? Ani akkirira Ewigambo kya Katonda era leka omu mwennyini alongoosebwé? Buli omu alina okwesalirawo obanga abeera n'okwo okwenenya kw'okukkiriza okutali kwa Baibuli oba nga akkiriza okwenenya okutuufu okubalibwa ne Katonda okwa batume era ne bannabbi. Te kirina mugaso okuva mu nzikkiriza endala okugenda mu dala oba okuva mu kkanisa endala okugenda mu dala. Ewigambo kya Katonda kiri n'okutwalibwa nga nsigo (Lukka 8:11) mu mutima gwo muntu era n'omwoyo gwa Katonda okuleta buli mu munru kin'omu obulamu obutaggwaawo okuyita mu kuzaalibwa okuggya (Yokaana 3:7; 1 Peetero 1:23). Kiri kweyongera obumalirivu, era tuli n'okusalawo n'ekyo tuggya kuyingira mu butaggwaawo.

Abo bona abanoonya era ne bakkiriza ekisa kya Katonda kikolera mu bo bennyini okulaba ddala oba bali kimu n'ekyo Mukama waffe kye ya ggamba: "**Naye ekiseera kijja, era kituuse, abasinza amazima lwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwovo n'amazima: kubanga Kitaffe anoonya abali ng'abo okubeera ab'okumusinzanga. Katonda gwe mwovo: n'abo abamusinza kibagwanira okusinza mu mwovo n'amazima.**" (Yokaana 4:23-24). Buli muntu yenna atasinza Katonda mu mwovo era ne mu mazima okusinzira ku Kigambo ky'amazima aba asinzira bwereere: "**Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa; naye**

omutima gwabwe gundi wala. Naye bansinziza, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata." (Matayo 15:8-9; Makko 7:6-7).

Mu ku maliriza kiri n'okuteebewako esira nate: okwatula okutuufu okwo kukkiriza, enjigiriza entuufu yawandiikibwa mu Baibuli mwokka, era tuli n'okwekebeera fennyini eri Katonda obanga tukkiriza Yesu ng'omutwe gwe kkanisa era ne tuddayo ku jigiriza ya batume, eyava mu Yerusalem, oba tugenda n'eyo eyava mu kkanisa ye ggwanga mu bwakabaka bwa baruumi. Tutegeera era tuwa ekitiibwa ekyo kyokka Ekipambo kya Katonda ekituufu oba tusigala mu buwangwa bw'enzikkiriza? Okusalawo kulagirwa eri ffe fenna: "**Leero bwe munawulira eddoboozi lye, Temukakanyaza mitima gyammwe.**" (Abaebbulaniya 4:7). **Alina okutu awulire, leka awulire ekyo mwoyo ky'agamba eri abo bona abali mu kkanisa ya Yesu Kristo! Bw'ekityo bwe kyawandiikibwa emirundi musanvu mu kitabo kyo kubikkulirwa (esula 2+3).**

Obunnabbi bw'enkomerero butuukirizibwa

Fenna tukimanyi nti Buli kintu ku nsi kifuusiddwa: Obufumbo, amaka, era ne bifo byonna ebibeeramu abantu tebikyali nga bwe byali edda. Okubuguma kw'ensi, ekyukakyuka mu beera y'obudde kutuuse ku mbeera y'okwazirana. Omuwendo era n'obuzibu obuleteddwa n'okutabanguka kw'embera y'obudde ng'amataba musisi ne bilala bye yongeredde ddala. Okulwanagana mu mawang entakera n'akwo kulatedde abantu okuttya kungi ku ebyo ebiggya mu maaso. Obukubagano bwewayongeera wano n'awali buli lukya, okusingira ddala kumpi mu makati ge buvanjuba. Ensi yonna eri mu kaabi akatagambika era obukadde n'obukadde bw'abantu bali mu duka duka. Amawanga ganoonya kye ganakola okumalawo obusambatuuko buno bwonna naye kilabika tegakyayinza kumalawo butabanguko buno n'okusomozebwa kuno okunji.

Mukama waffe ya yogera mu Matayo 24, mu Makko 13, mu Lukka 21, era ne mu byawandiikibwa ebilala ku ebyo ebiribaawo nga tanakomawo, era tubiraba nga bituukirizibwa. Byonna ebigenda mu maaso ebye biro by'enkomerero, bye tutasobola kwannjula wano mu bujuvu, bya yogerwako mu bunnabbi bwa Baibuli. N'obubbaka obusembayo n'okuyitibwa okusembayo abantu ku nsi bajja kuweebwa omukisa okuba n'okusalawo okutuufu mu maaso ga Katonda.

N'enjiri eno ey'emirembe gyonna kaakano ebuulirwa eri amawanga gonna okuba omujulizi nga Mukama waffe mwennyini bwe yakilangirira: "**N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, okuba omujulirwa mu mawanga gonna; awo enkomerero n'eryoka ejja.**" (Matayo 24:14). Kaakano tusemberedde nnyo ku kukomawo kwa Kristo okw'asuubizibwa (Yokaana 14:1-13). Obubonero bwe biro by'enkomerero mu bulambulukufu bulaga bino: n'olw'ekyo, abantu bona abagalira ddala okukkiriza mu Baibuli bali n'okwelekereza amakubo gaabwe banoonye ekubo lya Katonda. Oluvannyuma lwa bona, Mukama mwennyini ya gamba mu Lukka 21, "**Naye ebigambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo mutunulanga waggulu, muyimusanga emitwe gyammwe: kubanga okununulibwa kwammwe kunaatera okutuuka.**" (v. 28).

Okulagibwa kuno te kuli tuuka ku nkomerero awatali nga okwogera kwa Baibuli te kunaba kutukirizibwa eri bona abatya Katonda era ne bakkiriza Ekigambo kye:

"Temwegattanga na batakkiriza kubanga temwenkanankana: kubanga obutuukirivu n'obujeemu bugabana butya? Oba omusana gussa kimu gutya n'ekizikiza? Era Kristo atabagana atya ne Beriyali ova mugabo ki eri omukkiriza n'atali mukkiriza? Era yeekaalu ya Katonda yeegatta etya nebifaananyi? Kubanga ffe tuli yeekaalu ya Katonda omulamu: nga Katonda bwe yayogera nti Nnaabeeranga mubo, ne ntambuliranga mu bo; nange nnaabeeranga Katonda waabwe nabo banaabeeranga bantu bange. Kale muve wakati w'abo mweyawule, bw'ayogera Mukama, so temukomanga ku kintu ekitali kirongoofu; nange ndibasembeza, Era nnaabeeranga kitammwe gye muli, nammwe munaabeeranga gye ndi abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala, bw'ayogera Mukama O'muyinza we bintu byonna." (2 Abakkolinso 6:14-18).

"Ne mpulira eddoboozi eddala eriva muggulu, nga lyogera nti Mukifulumemu, abantu bange, muleme okussa ekimu n'ebibi bye era muleme okuwewebwa ku bibonyoobonyo bye." (Okubikkulirwa 18:4).

"Ne kaakano, abaana, abato, mubeerenga mu ye; bw'alirabisibwa tulyoke tubeere n'obugumu, era ensonyi zireme okutukwatira mu maaso ge mu kujja kwe." (1 Yokaana 2:28).

"Era, laba, njija mangu. Aweereddwa omukisa akwata ebigambo eby'obunnabbi obw'ekitabo kino." (Okubikkulirwa 22:7).

"Eggulu n'ensi biriggwaawo; naye ebigambo byange tebiriggwaawo n'akatono." (Okubikkulirwa Lukka 21:28).

"Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, n'okusseekimu okw'Omwoyo Omutukuvu, bibeerenga nammwe mwenna. Amiina." (2 Bakkolinso 13:14).

"Era tumanyi nga Omwana wa Katonda yajja n'atuwa amagezi n'okutegeera ow'amazima, era tuli mu oyo ow'amazima, Mu mwana we Yesu Kristo. Oyo ye Katonda ow'amazima, n'obulamu obutaggwaawo." (1 Yokaana 5:20).

Ekigambo kyange bwe kiba nga si kituufu okukkiriza kwange kuna beera wa si vunanyizibwa ku nsi lukumi Naye gezako okukola ebirungi (N.L., Count von Zinzendorf)

Buli ayagala okutegeera ebisingawo ku ebyo Katonda by'akoze era ne by'akyakola mu biro byaffe asobola okuwuliziganya naffe ku ndagiriro eziweereddwa wansi.

Mission Center
P.O. Box 100707
47707 Krefeld
Germany

Homepage: <http://www.freie-volksmission.de>
E-mail: volksmission@gmx.de

by the author and publisher E. Frank

LUGANDA